# *Olunaku Olwo e Kalivaaliyo*

Weebale, Ow'oluganda Neville. [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Akuwe omukisa, ow'oluganda."—Omuk.] Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Neville. Weebale, weebalire ddala.

2 Mwasuze mutya, ab'emikwano? Kya mukisa okubeera wano mu kkuŋŋaaniro nate, enkya ya leero, okuweereza Mukama, okuyita mu kubuulira Ekigambo n'okusabira abalwadde. Era ndi musanyufu nnyo olw'olunaku luno.

3 Era nnawuniikiridde, bwe nnabadde nnyingira. Ow'oluganda bwe yazze n'agamba nti, "Ssaagala kuba nga omugenge oli eyawonyezebwa ataasiima." Yabadde Ow'oluganda Wright. Nnamusabira, era Mukama amuwonyerezza ddala. Kale yazze, nga akaaba, nga ayagala okunkwatako mu ngalo, n'agamba nti—nti yandyagadde okwebaza Mukama olw'o—olw'okuwonyezebwa. Yabadde ayagala kukomawo yeebaze. Kyonna kyagendera ddala. Ya—yawonera ddala kati. Tuli basanyufu olw'obujulizi obwo.

4 Kati Charlie, ggwe n'Ow'oluganda Jeffries, bwe muba mwandyagadde, mujje wano waggulu mutuule mu bifo bino ebiri wano. Era tubaaniriza nnyo, kale temulina kuyimirira. Ow'oluganda oli omulala wali, n'Ow'oluganda Wood, mujje buzzi waggulu eno. Mu. . . Wano wakyaliwo, ebifo ebitonotono ku ffoomu wano, kale temulina kuyimirira. Nzikiriza, waliwo ku bifo ebitonotono wano, era, weewaawo, muwulire emirembe okujja mutuule mu bifo bino.

5 Tuli basanyufu oku. . . nzikiriza kyali kyogeddwako, lumu nti, "Nnasanyuka bwe baŋŋamba nti. . ." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. [Ow'oluganda ayogera nti, "Bulijjo njagala nnyo okubeera kumpi n'omubuulizi."—Omuk.] Weebale. Wee, weebale. "Nnasanyuka bwe baŋŋamba nti, tugende mu nnyumba ya Mukama." Ogwo gwe mukisa n'essanyu eby'Omukristayo, okugenda mu nnyumba ya Mukama.

6 Bwe ntunulatunula, ndaba mikwano gyange bangi nnyo wano, enkya ya leero, mpulira essanyu lingi nnyo olwa kino. Ndi musanyufu okulaba Ow'oluganda ne Mwanyinaffe Dauch wano, abava mu Ohio. Ndaba Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Armstrong emabega wali, okuva mu Ohio. Katonda abawe omukisa, nammwe. Era, ha, bw'otunulatunula, olaba abalala bangi nnyo, kizibu n'okumenya amannya gaabwe bonna. Mwannyinaffe Hoover, tusanyuse okukulaba wano, enkya ya

leero, okuva emmanga eri mu Kentucky. Ne Charlie ne Nellie, Ow'oluganda Jeffries n'ab'ennyumba ye, n'abalala bangi abali wano, abavudde ebweru w'ekibuga.

7 Kale tusuubira ekiseera ekirungi ennyo mu Mukama, enkya ya leero, nga tusuubira Katonda okutusisinkana mu ngeri ey'okuwa emmeeme zaffe omukisa n'okuweereza gye tuli mu bintu ebyo bye twetaaga.

8 Era bwe nneetoolooza amaaso wano, bwe mba wa kumenya mannya ga mikwano gyange bonna abali wano, nnanditwala ekiseera ekisinga obunene eky'enkya ya leero, nga mmenya abantu ab'enjawulo. Kindeetera okuwulira obulungi bwe nkomawo mu kkanisa, ne ndaba abantu bonna nga bazze, okusisinkana.

9 Kiriba kitya bwe tulituuka mu Ggulu, ne tusisinkanira Eyo olw'ekiseera ekyo eky'ekitalo eky'okussa ekimu okw'olubeerera, Okutaggwaawo nga tuli wamu ffenna, okwetooloola Nnamulondo ya Katonda, n'emikisa gye gimu ffenna gye tuyaayaaniddenga ennyo? Ffe, Eyo, tulifaananyizibwa mu mbala Ye, era mu kifaananyi Kye, wamu n'Omwoyo We nga ali ku ffe, okumusinza n'okumuweereza emirembe Egitaggwawo, awatali kukoowa.

10 Ggwe kirowoozeeko, tewali kintu ky'oyinza kulowoozaako, ky'onyumirwa kukola, naye era oluusi weesanga okoowa okukikola. Charlie, nsuubira ggwe nange tuyizze nnyo bu kaamuje okusinga ekintu ekirala kyonna kye tunyumirwa okukola, mu kifo ky'ekyo, naye, okimanyi nti, nakyo otuuka n'okoowa okukikola.

11 Era nnyu—nnyumirwa oku—okuwalampa, ne ŋŋenda eyo mu nsozi ne nziwalampa. Naye nkoowa, wabaawo, lw'oyagala okukola ekintu eky'enjawulo.

12 Era nnyumirwa okuvuga emmotoka. Ebiseera ebimu ŋŋenda ne mpulira nga nkooye nga era nnyenjebuse, nga nfunye ekiwuggwe. Nninnya bulinnyi mmotoka yange ne nsimbula, ne nnyweeza siteeringi, nga bwe nserengeta, nga bwe nnyimba nti, "Nsanyuse nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo," oba ekintu bwe kityo. Nga nnywezezza siteeringi eyo, nga eno bwe nnyimba, nga nkoona ekigere kyange wansi, nga bwe ndeekaana. Naye, era, bwe wayitawo akaseera, nkoowa, ne nkomawo eka ate olwo ne mbaako n'ekirala kye ntandika.

13 Naye bwe tulituuka okusinza Katonda mu Bwakabaka obwo obujja, tewaliba kiseera kya kukoowa, ki—kiriba kya mukisa buli kiseera, nga tweyongera bweyongezi mu maaso. Naye, weewaawo, mu kiseera ekyo tuliba tuwaanyisiddwa. Tetuliba nga bwe tuli kati. Tuliba ba njawulo, nga tuli bitonde bya njawulo okwawukana ku bwe tuli kati. Kale, tuli basanyufu.

14 Nnabadde ndowooza. Ssimanyi oba nga kino, nnali nkyogeddeko oba nedda. Ow'oluganda Charlie, edda, nnali

naye emmanga mu Kentucky, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, olowooza, mu kufuga okw'Emyaka Olukumi, ggwe nange tuliyigga bu kaamuje?"

Ne ŋŋamba nti, "Ssisuubira, Charlie."

15 N'agamba nti, "Okimanyi, tukyagala nnyo," n'agamba nti, "o—olowooza tulibuyigga bwe tulituuka mu kufuga okw'Emyaka Olukumi?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, tewali kintu kirittibwa mu kufuga okw'Emyaka Olukumi."

N'agamba nti, "Kale, naye kitunyumira."

16 Ne ŋŋamba nti, "Charlie, watya ssinga nkumatiza nti lumu wali mbizzi, naye n'osuumusibwa okufuuka ekitonde ekya waggulukо, okubeera omuntu? Wandizzeeyo, wandyagadde okuddayo onyumirwe bye wanyumirwanga nga okyali mbizzi?"

N'agamba nti, "Nedda."

17 Ne ŋŋamba nti, "Okiraba, wandibadde ku ddala lya waggulu nnyo okusinga ku mbizzi, kati, oli muntu, tewandyagadde n'akatono kuddayo kubeera mbizzi." Ne ŋŋamba nti, "Kati ddira ekyo okikubiseemu emirundi mutwalo, ekyo ky'olibeera bw'oliwaanyisibwa okuva wano okufuuka ekyo ky'olibeera. Oliba toyagala kuddamu kuba muntu nate."

18 Ekyo bwe kiri. Kiriba kintu kya njawulo. Nsanyuka nnyo n'okukirowoozaako obuloowooza, okumanya nti lumu tulirinnya eddala erisingako waggulu.

19 Kale, kati, Mukama nga ayagadde, Ssande ejja, olujja okuba nga . . . Nja kuba nsimbula, okugenda mu Wyoming, ne mukwano gwange omwagalwa; manya eri mu Idaho, ne mukwano gwange omwagalwa, Ow'oluganda Miner Arganbright, Ow'oluganda Clayt Sonmore, Abasajja Abasuubuzi Abakristayo.

20 Wiiki ejja, wiiki eddirira ejja, ziriba; nga 7, ndi wa kubeera mu—mu Dallas, Texas, ku Lukuŋŋaana lw'ab'Eddoboozi ery'Okuwonyezebwa. Era ekiro kye ndibuulirirako kye kya nga 7. Oluvannyuma nkomewo, okugenda mu Idaho n'Ow'oluganda Arganbright n'Abasajja Abasuubuzi Abakristayo. Era oba oli awo tulibaayo n'ekiro kimu mu Minneapolis, nga tetunnavaayo. Olwo ate tubeeyo n'eky'enkya ky'Abasajja Abasuubuzi Abakristayo kimu.

21 Mukama nga ayagadde, ku makya ga Ssande ejja njagala mbe nga nkomyewo wano mu kkuŋŋaaniro nate, ssinga kinaaba kisobose nga kwe kwagala kwa Mukama. Era njagala okwogera ku ky'okuyigako ekigamba nti *Empewo Ey'akazimu mu Mbuyaga*, Mukama bw'anaaba ayagadde. Kirabika nga kimbadde ku mutima, wiiki yonna.

22 Ne luli ku makya, mu matulutulu, ku ssaawa nga kkumi nga bukya, nnazuukuka ne nfuna ekirowoozo kino nti, "Olunaku

olwo e Kalivaaliyo." Era ekyo kye njagala okwogerako, enkya ya leero: *Olunaku Olwo e Kalivaaliyo*.

23 Era kati olw'ekitundu kino eky'okusoma, ka tubikkule kaakano mu Bayibuli zaffe, mu Byawandiikibwa, mu Njiri y'Omutukuvu Matayo, mu ssuula eya 27. Era tujja kutandika n'olunyiriri olwa 27 tusome ekitundu ky'Ekyawandiikibwa kino, okusobola okufuna we tusinziira, tulyoke tutandikire awo wennyini. Era oluvannyuma lw'olukuŋŋaana olw'okubuulira, tujja kuba n'okusabira abalwadde.

24 Era, ha, okuva ku mulundi guli lwe nnasembayo okuba wano, nga ngezaako okukikomyawo, n'okukigeraageranya n'enkula y'obuweereza bwange empya. Nnafuna obujulizi bungi okusingako okuva mu lukuŋŋaana olwo okusinga bwe nnali nfunye mu lukuŋŋaana olulala lwonna okumala ebbanga ddene.

25 Waliwo ensonga, ku ky'okuba nti oteekwa okubeera mu maaso g'omuntu oyo mu buliwo, ne bwe wabaawo eby'amaanyi ebisukkulumye bimeka ebirabisiddwa. Naye, laba, okuwonyezebwa kuteekwa kusinziira ku kukkiriza kw'omuntu oyo nga ssekinnoomu. Kati, omuntu oyo bw'aba n'okukkiriza . . .

26 N'alaba, tugeze, nga Omwoyo Omutukuvu atambula mu kibiina n'agamba nti, "Ebintu *bwe biti* byabaawo. Era, nti, erinnya lyo ggwe *gundi*. Era ova *gindi*. N'ekintu *gundi* kye wakola. Era kijja kuba bwe *kiti*." N'abiraba byonna nga bituukirira ddala bwe bityo!

27 Naye ate, omuntu oyo, atudde awo, asaanidde okutunula waggulu n'agamba nti, "Oyo ateekwa kuba Katonda. Nzikiriza okuwonyezebwa kwange."

28 Naye, mu kifo ky'okukola ekyo, omuntu oyo agamba nti, "Nteekaako emikono onsabire, mponyezebwe." Naye eyo ye ngeri gye tuyigirizibwamu wano mu Amerika, mu, ngeri bw'etyo, okusobola okukkiriza ekyo. Era nga ekyo ddala kiri mu Byawandiikibwa.

29 Naye kati tukizuula, nga mu Afirika n'ebifo ebirala eby'enjawulo, ekintu nga ekyo ne kimala kibaawo, ekibiina kyonna kivaayo omulundi gumu wamu, ne bakkiriza okuwonyezebwa kwabwe, kubanga bo tebalina n'ekimu kye baali bayigiriziddwa. Okiraba? Tebayigirizibwangako na ku bya kuwonyezebwa. Kale bwe balaba ekyo, bakitegeera nti waliyo Katonda omulamu. "Era bw'Aba nga mulamu, A—Asukkulumye byonna, era A—Awonya." Era ekyo kiba kimala, kubanga aw'okusinziira waba wateekeddwaawo, emisingi, nti Ye muwonya, era awonya abantu. Kati bwe balaba Okubeerawo Kwe nga kukolera mu Kkanisa Ye, ne bagamba nti, "Ekyo kimala. Ekyo kye kyokka kye twetaaga."

30 Naye ffe twayigirizibwa, "okussa emikono ku balwadde," n'ebintu bwe bityo. Eyo ye nsonga lwaki tekikola bulungi nnyo mu Amerika.

31 Kati, mujjukire nti, ku makya ga Ssande ejja, Mukama bw'aliba ayagadde, Ow'oluganda Neville alikirangirira, nga bulijjo. Era. . .ne. . .*Empewo Ey'akazimu mu Mbuyaga*.

32 Kati, mbadde mbawaayo ku kadde musobole okubikkula mu Byawandiikibwa byammwe, mu Matayo 27. Ka tusome okutandikira ku—ku lunyiriri olwa 27, olw'Enjiri y'Omutukuvu Matayo. Kati tuwulirize nnyo n'obwegendereza kye tusoma.

> Era *abaserikale b'owessaza ne batwala Yesu mu kigango eky'emisango, ne bamukuŋŋaanyizaako ekitongole kyonna.*
>
> *Ne bamwambula, ne bamwambaza olugoye olumyufu.*
>
> *Ne baluka engule ey'amaggwa, ne bagissa* ku *mutwe gwe, n'olumuli mu. . .mukono gwe: ne bafukamira mu maaso ge, ne bamuduulira, nga bagamba nti Mirembe, Kabaka w'Abayudaaya!*
>
> *Ne bamuwandira amalusu, ne batoola olumuli, ne bamukuba ku mutwe.*
>
> *. . .awo bwe baamala okumuduulira, ne bamwambulako olugoye, ne bamwambaza ebyambalo bye, ne bamutwala okumukomerera.*
>
> *Naye bwe baali bafuluma, ne basisinkana omuntu Omukuleene, erinnya lye Simooni: ne bamuwaliriza oyo yeetikke omusaalaba gwe.*
>
> *Bwe* baayambuka, mu *kifo ekiyitibwa Ggologoosa, amakulu gaakyo, kifo kya kiwanga,*
>
> *Ne bamuwa omwenge okunywa ogutabuddwaamu omususa:. . .bwe yalegako, n'atayagala kunywa.*
>
> *Bwe baamala okumukomerera, ne bagabana ebyambalo bye,* ne bakuba *akalulu: kiryoke kituukirire ekyo ekyayogerwa nnabbi nti, Baagabana ebyambalo byange, ne bakuba* akalulu *ku lugoye lwange.*
>
> *. . .ne batuula awo ne bamutunuulira;*
>
> *Ne bassa. . .ku mutwe gwe omusango oguwandiikiddwa nti, ONO YE YESU KABAKA W'ABAYUDAAYA.*
>
> *Awo* waaliwo *abanyazi babiri ne bakomererwa naye, omu ku mukono ogwa ddyo,* n'omulala *ku mukono ogwa kkono.*
>
> *N'abaali ba—bayita ne bamuvuma, nga banyeenya emitwe gyabwe,*

*Nga bagamba nti, Ggwe* eyazikiriza *yeekaalu,* ogizimbire *mu nnaku ssatu, weerokole. Oba nga ggwe Mwana wa Katonda, va ku musaalaba okke.*

*Ne bakabona abakulu nga bamuduulira, wamu n'abawandiisi n'abakadde, nga bagamba nti,*

*Yalokola balala; tayinza kwerokola yekka. Bw'aba nga ye Kabaka wa Isiraeri, ave kaakano ku musaalaba, naffe tunaamukkiriza.*

*Yeesiga Katonda; amulokole kaakano, oba nga* anaamulokola*: kubanga yagamba nti, Ndi Mwana wa Katonda.*

*Abanyazi abaakomererwa naye era nabo ne bamuvuma bwe batyo.*

*Naye okuva ku ssaawa ey'omukaaga kyali kizikiza ku nsi yonna okutuuka ku ssaawa ey'omwenda.*

*Obudde bwe bwatuuka ng'essaawa ey'omwenda Yesu n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene, ng'agamba nti, Eri, Eri, lama sabakusaani? amakulu gaakyo nti, Katonda Wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?*

*Naye abalala abaali bayimiriddewo, bwe baawulira, ne bagamba nti, Ono ayita Eriya.*

*Amangu ago omu. . .n'adduka, n'atoola ekisuumwa, n'akijjuza omwenge omukaatuufu, n'akissa ku lumuli, n'amunywesa.*

*Naye abalala ne bagamba nti, Leka tulabe nga Eriya anajja* n'a*mulokola.*

*Naye Yesu n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene, n'ata omwoyo gwe.*

*Laba, eggigi lya yeekaalu ne liyulikamu wabiri okuva waggulu okutuuka wansi; ensi n'ekankana, enjazi ne zaatika;*

*. . .entaana ne zibikkuka; emirambo mingi egy'abatukuvu* abeebaka *ne gizuukizibwa,*

*ne bava mu* ntaana *bwe yamala okuzuukira, ne bayingira mu kibuga ekitukuvu, abantu bangi ne babalaba.*

*Naye omwami w'ekitongole, na bali abaali naye, nga batunuulira Yesu, bwe baalaba ekikankano, n'ebigambo ebibaddewo, ne batya nnyo, ne bagamba nti, Mazima ono abadde Mwana wa Katonda.*

33 Ka tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera katono tusabe.

34 Mukama, tumanyi nga Ggwe Katonda. Era ki. . . Oluvannyuma lw'okusoma Ekigambo kino ekitukuvu,

tukyasobola okukiraba nti enkula Yo tekyukanga. Osigala oli Katonda bulijjo. Era kyalabika nga Yesu eyali tagenda kufuna buyambi bwonna, bwe yatwalibwa mu mikono gy'ababi n'atemwatemwa obutundutundu, n'awandulirwa amalusu, n'aduulirwa, nga alengejjera ku musaalaba, atiiriika omusaayi, ng'afa. Era kyalabika nga awatali buyambi bwonna, okuva awantu wonna, n'okutuusa lwe yakaaba, Ye kennyini nti, "Katonda Wange, Katonda Wange, kiki ekikundesezzaawo?"

35 Naye, Ggwe okolera mu kaseera ako nga tewali kirala kyonna kisobola kukola. Tutegeezebwa, Mukama, nti bwe tuba n'emigga gyonna gye tutasobola kusomoka, bwe tuba n'ensozi zonna ze tutasobola kuyitamu, Katonda mukugu mu kukola abalala bye batasobola kukola.

36 Oli mukugu, mu mulimu, kubanga wamanya omulamwa gw'olunaku olwo e Kalivaaliyo. Ggwe, nga bw'oli Katonda, Oyo ataliiko kkomo, wakimanya nti essaawa eno yali ya kutuuka. Naye bwe kyatuukirizibwa, olwo n'Olaga nti Oli Katonda. Walaga Omukulu ye ani. Wanyeenya ensi, n'abatukuvu abaali beebaka mu ttaka ne bavaayo. Wakwasa enjuba ekizikiza mu kiro, nga ekizikiza eky'ekiro, nga olaga nti Ggwe Katonda. So nga ate walabika nga eyali asirise okumala ebbanga ddene.

37 Tusaba nti, okuva mu kino, tufune okuwumbawumba kuno, nti, kasita tuba nga tutambulira mu Mwoyo, nga tukulemberwa omukono gwa Katonda, ka kibe kiki kyonna ekirabika nga ekitagenda bulungi, kasita tusigala nga tutunudde e Kalivaaliyo; Katonda ajja kwogera mu ssaawa entuufu, mu kiseera ekituufu.

38 Kaakano, Katonda Kitaffe, tusaba okusonyiyibwa ebibi byaffe n'okwonoona kwaffe. Tusaba Omwoyo Wo okutukulembera. Tukulembere, nga Ejjiba bwe lyakulembera Omwana gw'endiga. Tusaba tubeere bawulize mu buli kimu kyonna ekiyinza okututuukako, nga tumanyi kino nti, Katonda ebintu byonna abikola mu bulungi, era tutegeere nti byonna bijja kutereera.

39 Beera naffe leero mu lukuŋŋaana luno. Tukusaba olokole abo abali mu mbeera ey'okulokolebwa, nga banoonya obulokozi. Bajjuze Obulamu Obutaggwaawo, abo ababunoonya. Tukusaba owonye abo abalwadde era abanyigirizibwa, abazze, nga banoonya okuwonyezebwa. Era tunaakutendereza olw'ekyo. Tukisabye mu Linnya ly'Omwana Wo, Omulokozi waffe, Yesu Kristo. Amiina.

40 Kati, mu kwogera kw'enkya ya leero, twagala muteeke ebirowoozo byammwe byonna ku ky'okuyigako kye nnonze okwogerako: *Ku Lunaku Olwo e Kalivaaliyo.*

41 Kirabikamu nga ekitatuukidde mu kiseera kituufu; kino kyandibadde kya ku Lwakutaano Olutukuvu. Kalivaaliyo lusaanidde okujjukirwa buli lunaku. Era tuluwuliddeko bingi nnyo, tulusomyeko bingi nnyo. Ababuulizi balubuuliddeko,

okuviira ddala ku ntandikwa y'ebiseera. Abayimbi baluyimbyeko, okuyita mu mirembe gyonna. Bannabbi baalulagulako, emyaka enkumi nnya nga terunnabaawo. Ne bannabbi b'omu kiseera kino bajuliza ku kiseera we lwabeererawo. Lunaku lukulu nnyo! Lwe lumu ku nnaku ezisinga obukulu mu nnaku zonna Katonda ze yali akeesezza ku nsi.

42 Kati bwe luba nga lukulu nnyo bwe lutyo eri olulyo lw'abantu, Kalivaaliyo, ndowooza kirungi ffe okuddayo emabega ne twekenneenya, tulabe ddala kiki kye lutegeeza gye tuli. Kubanga, nkakasa nti, mu kiseera nga kino eky'ekikeerezi kye tulimu, tunoonya buli bukulu bwa Katonda bwonna bwe tusobola okumanya. Era byonna bye tusobola okuzuula, tuli wano bituyigirizibwe, tulabe biki ebyaffe, na biki Katonda bye yatukolera, era tulabe na biki bye yasuubiza okutukolera. Era ekyo kye kituleeta ku kkanisa. Eyo ye nsonga lwaki omubuulizi abuulira, ye nsonga lwaki abeera mu kusoma n'okufumiitiriza mu Byawandiikibwa, n'anoonya okuluŋŋamizibwa, ensonga eri nti muweereza wa bantu eri abantu ba Katonda. Era agezaako okufuna ekintu ekina. . . Katonda kye yandyagadde okwogera eri abantu Be, ekintu ekinaabayamba. Oba oli awo, kyandiba, eky'okubanenya mu bibi byabwe, naye kibayambe okugolokoka, basobole okwabulira ebibi byabwe olwo bagolokoke baweereze Mukama. Era abaweereza balina okunoonya ebintu bino.

43 Kati olunaku luno, nga bwe luli olukulu ennyo, nga lwe lumu ku nnaku ezisingayo obukulu, leka tulabe ku bintu bisatu eby'enjawulo olunaku olwo bye lutegeeza gye tuli. Tusobola okulaba ku bintu bikumi na bikumi. Naye, enkya ya leero, nnonzeeyo ebintu bisatu eby'enjawulo, ebintu ebikulu bye twagala okutunuulira, mu kaseera akatono akaddako, Kalivaaliyo kye lutegeeza gye tuli. Era nsaba birumirize buli mwonoonyi yenna ali wano; bireetere buli mutukuvu yenna okukka wansi ku maviivi ge; bireetere buli mulwadde yenna okuyimusa okukkiriza kwe eri Katonda, ave wano agende, nga awonyezeddwa; buli mwonoonyi, nga alokoleddwa; buli eyaddirira nga akomezeddwawo, era awulire nga akwatibwa ensonyi; na buli mutukuvu yenna, ajaguze, afune okunywezebwa okuggya n'essuubi eriggya.

44 Ekintu ekimu ekikulu, eky'omugaso Kalivaaliyo kye lutegeeza gye tuli n'eri ensi, kye kino nti, lwagonjoola ensonga y'ekibi, omulundi gumu emirembe gyonna. Omuntu yasangibwa nga ogw'ekibi gumusinga. Ate nga ekibi kyaliko omutango omuntu yenna gwe yali tasobola kusasula. Omutango gwali munene nnyo okutuusa nti tewaali muntu yenna yali asobola kugusasula. Nzikiririza ddala nti Katonda yakiteekateeka bw'atyo, nti omutango gubeere munene nnyo okutuusa nti tewali muntu yenna yali asobola kugusasula, Ye Mwene, asobole okukikola. Kati, omutango gw'ekibi kwali kufa. Era ffenna

twali twazaalibwa mu kibi, twabumbibwa mu bujeemu, ne tujja mu nsi, nga twogera bulimba. N'olw'ekyo tewaaliwo n'omu ku ffe eyali asaanidde, manya, baali tebasobola kuzuula muntu yenna ku nsi eyali asaanidde.

45 Ate era ekibi tekyatandikira ku nsi. Ekibi kyatandikira mu Ggulu. Lusi-. . .yali. . .Lusifa, ssetaani, yali kitonde ekyasingibwa omusango, olw'obujeemu bwe, nga tannaba na kukka ku nsi. Ekibi kyatandikira mu Ggulu, eyo Katonda gye yateeka Bamalayika, n'ebirala, ku musingi gwe gumu kwe yateeka abantu; okumanya, omuti ogw'okumanya, omuti ogw'Obulamu n'omuti ogw'okumanya, omuntu gye yalina okweronderako. Kati Lusifa bwe yaweebwa enkizo, okweronderako, yayagala ekintu ekirungi okusinga kw'ekyo Katonda kye yalina. Ekyo kye kyavaako obuzibu.

46 Awo ne wabaawo ekibonerezo ekirina okuweebwa olw'ekibi. Ekibonerezo ekyo kwali kufa. Okufa gwe gwali omutango. Kati, ekyo, tusobola okugenda mu buziba bw'ekyo, kubanga ssikkiriza nti waliyo okufa okulala kwonna wabula okufa kwa ngeri emu yokka. Waliwo Obulamu bwa kika kimu kyokka. Era nzikiriza nti omuntu alina Obulamu Obutaggwaawo tasobola kufa. Era nzikiriza nti waliwo okusaanyizibwawo ddala okw'emmeeme eyo eyonoona, kubanga Bayibuli egamba nti, "Emmeeme eyonoona, mazima ddala erifa." Ssi omuntu; wabula "*emmeeme* eyonoona." N'olw'ekyo, Ssetaani ddala ateekwa okufa, asaanyizibweewo ddala. Nga ssikiriziganya n'akatono na bano abakkiriza nti obulokozi bwa bantu bonna abagamba nti Ssetaani alirokolebwa! Yayonoona, ate era ye ye nsibuko y'ekibi. N'emmeeme ye yayonoona; era yali mwoyo. Omwoyo ogwo gulisaanyizibwawo ddala, obutasigalawo kantu n'akamu.

47 Kati ekibi bwe kyagwa ku nsi, eri ku lubereberye, nga kiringa ekitundubaali eky'ekizikiza ekyagibuutikira okuva mu ggulu, kyasannyalaliza ddala ensi mu buliwo. Kyasibira buli kitonde, ekyali ku nsi, n'ebitonde bya Katonda byonna, mu busibe. Omuntu yateekebwa mu buddu obw'okufa, endwadde, emitawaana, ennaku. Obutonde bwonna bwagwa nakyo. Ekibi kyali kintu ekisannyalaza ekyasannyalaliza ddala ensi. Olwo ffe ne tuteekebwa wano, nga tetulina ssuubi yadde, kubanga buli kitonde kyonna ekyali ku nsi kyali kifugibwa kyo. Na buli muntu yenna eyazaalibwa ku nsi yali afugibwa kyo.

48 N'olw'ekyo, bwali bulina okuva mu Kifo eky'enjawulo etaali kibi. Bwali tebusobola kuva ku nsi. Ku ffe tekwaliko yali asobola kununula munne. Bwali bulina kuva mu Mulala.

49 N'olw'ekyo, omuntu bwe yakitegeera nti ayawuliddwa ku Katonda we, n'afuuka emmomboze. Baasinda. Baakaaba. Baabonaabona. Baabungeeta, mu nsozi ne mu malungu, nga banoonya Ekibuga nga omukozi era omuzimbi waakyo ye Katonda. Kubanga, omuntu yakimanya nti ssinga amala

n'addayo mu Kubeerawo kwa Katonda, asobola okubyogerako wamu naye. Wabula tewaaliwo kkubo limuzzaayo. Bw'atyo yabula. Nga tamanyi kkubo ki lya kukwata, bw'atyo n'asigaza kugenda, nga abungeeta, nga agezaako okubaako ne w'azuula w'ayinza okusanga ekkubo erimuzzaayo mu Kifo ekyo. Waaliwo ekintu munda ye ekyamugambanga nti yava mu—mu Kifo ekyali kituukiridde. Tewali muntu n'omu wano mu bantu abali mu kibiina kino ekirabikako wano, enkya ya leero, oba mu kibiina eky'abo abawuliririza ku lutambi, yonna gye luliraga okwetooloola ensi yonna, tewali muntu n'omu wano, oba awantu awalala wonna, atanoonya kutuukirira okwo.

50 Ogenda n'osasula ebisale byo ebikubanjibwa, n'olowooza nti, "Ekyo kinaamala." Bw'osasula ebisale ebikubanjibwa, ate ne wabaawo omuntu alwala mu maka go. Obulwadde bwe buwona, ate olwo n'oba n'ebisale ebikubanjibwa ebisingawo by'oba olina okusasula. Oba okyali awo, nga enviiri zo zitandise okufuuka envi, ate olwo ne weegomba okudda obuto. Ne waba nga waliwo ekibanja bulijjo, buli kiseera, olw'ejjengo liri ery'ekibi. Naye mu mutima gwo, olw'okuba nga onoonya ekintu ekyo, kiraga nti waliwo awali Okutuukirira. Waliwo, awali ekintu eky'enjawulo.

51 Eyo ye nsonga lwaki, emirundi mingi, leero, omwonoonyi akyabungeeta. Omuwala omuto, omubalagavu ajja kusalako emivumbo gy'enviiri ze, bamulabe; abeeko ne bye yeesiigasiiga mu maaso, okusobola okulabika obulungi; ayambale n'engoye eziraga enkula y'omubiri gwe. Kubanga, ekyo kye kintu kyokka ky'asobola okuzuula, nga agezaako okunoonya awantu w'ayinza okusanga ekinaamuyamba okwezuula, bw'aleetera abasajja okumufuuyira oluwa, ne bamuwuubira ka jjambo, ne basaagirira naye mu ngeri ey'ekikaba. Omulenzi omuto naye ajja kukola ekintu kye kimu eri omukazi, ajja kugezaako okulabika nga alabika bulungi asikirize omukazi oyo. Baliraanwa bajja kuzimba ennyumba, babeeko engeri gye bagitonaatonamu, olw'okuba erina okulabika obulungi okusinga ku ya muliraanwa. Bwe kityo bwe kiba bulijjo, tubaako ne kye tunoonya, naye ate era bulijjo wabaawo ekikisingako. Omuwala omuto ajja kusisinkana omuwala omulala omuto amusingako okumanyibwa. Muliraanwa ajja kusanga ennyumba endala erabika obulungi okusinga eyiye. Omukazi ajja kusanga omukazi omulala ayambadde mu ngeri ey'enjawulo, erabika obulungi okusinga ku bw'ayambadde.

52 Ekyo kintu ekitulimu, ekirina kye kinoonya, era kiraga nti twabula. Twagala okuzuula ekintu ekyo ekinaatutuusa ku kumatizibwa okwo, ekinajjuza omuwaatwa ogwo ogulimu okulumwa enjala munda eyo, wabula kirabika nga kye tutasobola kuzuula. Abantu bakigezezzaako okuyita mu mirembe gyonna. Baakaabirira okukifuna. Baakaaba. Baakola buli kimu kyonna kye baali bamanyi, naye era tebaakizuula,

baasigala babungeetera mu nsi.

53 Ku nkomerero ya byonna, lwali lumu, nga olwo lwe lunaku olwa Kalivaaliyo, waliwo Omu eyakka okuva mu Kitiibwa. Oyo, nga Erinnya lye ye Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, eyakka okuva mu Kitiibwa, bwe kityo Kalivaaliyo n'ebaawo. Olwo lwe lunaku omutango lwe gwasasulwa, n'ensonga y'ekibi lwe yagonjoolwa omulundi gumu emirembe gyonna. Era ne luggula ekkubo eritutuusa ku kintu kino kye tulumirwa enjala n'ennyonta. Lwaleeta ekifo awali okumatizibwa. Tewali muntu yenna yali atuseeko Kalivaaliyo, n'alulaba mu ngeri gye lwalimu, asobola okusigala kye kimu. Buli kintu kyonna kye yali yetaaze oba kye yali ayaayaanidde, kigonjoolwa, bw'atuuka mu kifo ekyo.

54 Lwali lunaku lukulu nnyo, era kyali kintu kikulu nnyo, kyanyeenya ensi. Kyanyeenya ensi, nga bwe yali tenyeenyezebwangako. Yesu bwe yafa e Kalivaaliyo n'asasula omutango gw'ekibi, ensi eno ejjudde ekibi yajjula ekizikiza. Enjuba yagolooba emisana wakati mu ttuntu, yafuna ekyekango. Enjazi ne zikankana, ensozi ne zaabika, n'abafu ne bafubutukayo mu ntaana.

55 Ky'akola ki? Katonda yatunuza ssabbaawa ye, ku Kalivaaliyo. N'akuba ensolo eri, eyitibwa Ssetaani, ekiwundu ekitaliwona emirembe gyonna. Kati okuva ku olwo abaddenga wa bulabe nnyo, kubanga ekyo kyaleeta Ekitangaala eri olulyo lw'abantu. Era omuntu yenna amanyi nga ensolo efumitiddwa ekiwundu bw'eba ey'obulabe ennyo, nga bwe yewalulira awo nga ekutuddwa omugongo. Kati, Ssetaani yakubibwa eŋŋuumi tonziriranga, e Kalivaaliyo. N'ensi n'ekikakasa nti ddala bwe kyali.

56 Gwali mutango ogusingayo obunene ogwali gusasuddwa, era Oyo yekka eyali asobola okugusasula, yajja n'agusasula e Kalivaaliyo. Eyo omutango ogusinga obunene gye gwasasulirwa. Ekyo kye kimu ku bintu. Katonda yali akibanja. Tewaali muntu yenna yali asaanidde. Tewaali muntu yenna yalina busobozi. Tewaali muntu yenna yali asobola kukikola. Era Katonda yajja, Kennyini, n'afuuka omuntu, n'abeera mu bulamu obw'abantu, mu kwegomba kw'abantu, era n'akomererwa e Kalivaaliyo. Era awo, Ssetaani we yalowooleza nti tasobola kukikola, tasobola kukiyitamu, n'Ayita mu Gesusemane ne mu buli kikemo kyonna omuntu yenna kye yali ayiseemu. Byonna yabiyitamu nga abantu bonna bwe babiyitamu, wabula n'Asasula omutango.

57 Era ekyo kye kyaleeta ekizikiza ku nsi. Kyali nga eddagala erisannyalaza, nga tebannalongoosa muntu. Omusawo bw'akuba omuntu eddagala erisannyalaza, asooka n'amwebasa otulo nga tasobola kutegeera biri ku nsi, nga tannamulongoosa. Ne Katonda bwe ya—yali alongoosa Ekkanisa, ensi yafuna okusannyalazibwa, obutonde bw'asansagala. Tekyewuunyisa!

Katonda, mu mubiri gw'obuntu, yali afa. Eyo ye ssaawa ensi gye yali erindiridde, eky'akabi bangi ku bo tebaagimanya.

58 Nga bwe kiri leero, bangi ababadde balindiridde ebintu bino, kyokka bwe bituukiridde ate bibalemye okutegeera. Balemeddwa okulaba ekkubo ery'okubawonya. Bakyagezaako kunoonya masanyu n'ebintu by'ensi, nga bagezaako okwezuulira ekkubo ery'okubawonya.

59 Waali, wabaddewo obupande bungi nnyo obwali busonga ku lunaku olwo, ebintu bingi nnyo eby'ekitalo ebyali birusongako. Lwali lwalagibwa okuyita mu mwana gw'endiga, okuyita mu nte ennume, okuyita mu kaamukuukulu, n'ebintu bino byonna, naye era tebyasobola kukikutula. Tebyasobola kukutula kikoligo kya kufa ekyo, Ssetaani mwe yali asibidde ensi.

60 Enjazi zennyini ze yatambulirako lumu, ng'adda eno n'eri ku nsi, ekibiriiti ekyookya! Lusifa ye yali omwana ow'enkya, era yatambulanga ku nsi bwe yali nga ekyali lunyata olwookya. Enjazi ze zimu ezo ezaali zaawola, Yesu bwe yafa e Kalivaaliyo, zaatutunukayo okuva wansi mu ttaka.

61 Omutango ogwasasulwa, n'ekikoligo kya Ssetaani ne kikutulwa. Katonda n'akomyawo nate mu mikono gy'omuntu, ekkubo erimuzzaayo eri ekyo kye yali anoonya. Yali teyeetaaga kuddamu kukaaba. Yakikuba, bwe yakutula enkizi ya Ssetaani, wali e Kalivaaliyo, enkizi y'ekibi, ey'endwadde! Era kireetera buli muntu yenna, ali ku nsi, okukomawo mu Kubeerawo kwa Katonda, nga ebibi bye bisonyiyiddwa. Aleruuya! Ebibi byaffe byasonyiyibwa. Ssetaani takyayinza kutuziyiza kulaba Katonda.

62 Waliwo oluguudo olwakolebwa. Waliwo essimu eyassibwawo. Waliwo omukutu gw'essimu etuuka mu Kitiibwa, ogusobozesa buli agikuba okutuusa obubaka bwe. Omuntu bw'aba ajjudde ekibi, yamuyunga butereevu ku mukutu ogwo. Asobola okusonyiyibwa ekibi ekyo. Ssi ekyo kyokka, naye ekibi ekyo n'okusasulirwa kyasasulirwa. O! Tolina kudda awo n'ogamba nti, "Ssisaanidde." Ddala, tosaanidde, era wali tosobola kusaanira. Naye Oyo asaanidde yatwala ekifo kyo. Oli wa ddembe. Teweetaaga kuddamu kubungeeta. Teweetaaga kubeera muntu anoonya masanyu wano ku nsi.

> Kubanga waliwo ensulo ejjudde Omusaayi,
> Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri,
> Aboonoonyi bwe bebbikka mu mugga ogwo,
> Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe.

63 Tolina kubula. Waliwo oluguudo, n'Ekkubo, era liyitibwa Ekkubo ery'obutukuvu. Atali mulongoofu taliyitako. Kubanga, ayita mu nsulo, okusooka, olwo n'alyoka ayingira mu luguudo.

64 Yamenya amaanyi ga Ssetaani. Yaggulawo enzigi z'ekkomera ly'emagombe, eri buli muntu yenna eyali yaggalirwa, mu nsi muno, mu makomera, ng'atya nti bw'alifa, ngeri ki okufa gye kulimuyisaamu. E Kalivaaliyo, yaggulawo enzigi z'obuduukulu ziri, n'ata abawambe bonna ne baba ba ddembe. Tokyetaaga kuddamu kutaagulwa kibi. Tokyetaaga kuddamu kuwaayo bitundu bya mubiri gwo eri kibi, okunywa omwenge, okufuweeta ssigala, okukuba zzaala, okulimba. Osobola okubeera ow'amazima, omwenkanya, era omugolokofu. Nga Ssetaani talina na ky'asobola kukikolera, kubanga wayungibwa ku mukutu, omukutu ogw'Obulamu ogwasimbibwa mu Lwazi olw'Edda n'edda. Tewali kisobola kukuyuuza kuguvaako. Tewali miyaga gisobola kukuyuuza kuguvaako. Nedda tewali kintu kyonna, ka kubeere kufa kwennyini, tekusobola kutwawula ku kwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu. Ekyo Kalivaaliyo kye yali etegeeza.

65 Abantu abaali mu busibe baasumululwa ne baba ba ddembe. Abantu lumu abaali batya okufa tebakyaddamu kutya kufa. Omuntu ayaayaanira Ekibuga, nga omukozi era omuzimbi waakyo, ye Katonda, asobola okulinnya ku luguudo, amaaso ge n'agoolekeza Eggulu, kubanga wa ddembe. Aleruuya! Yanunulibwa. Takyetaaga kuddamu kubungeeta, kubanga waliwo engeri y'okutegeeramu oba oli mutuufu oba nedda. Katonda atuwadde Obulamu. Ebibi byaffe biggyiddwawo. Olunaku olwo e Kalivaaliyo lwasasula omutango. Bwe tulaba ebyo byonna, ky'ova olaba omutontomi yawandiika nti:

> Wakati mu njazi ezibaluka n'eggulu erikutte enzikiza
> Omulokozi wange yakoteka omutwe Gwe n'afa.
> Eggigi eryayawuzibwamu lyaggula Ekkubo
> Eritutwala mu ssanyu ly'Eggulu n'olunaku olwo olutakoma.

66 Ibulayimu yali takyetaaga kuddamu kubungeeta, wonna mu nsi, nga anoonya ekibuga. Omwonoonyi takyetaaga kuddamu kwebuuza, oba asobola okulokolebwa oba nedda. Omulwadde takyetaaga kwebuuza oba asobola okuwonyezebwa oba nedda. Eggigi eryayawuzibwamu, ku lunaku olwo e Kalivaaliyo, lyaggula Ekkubo eritutuusa ku buwanguzi obujjuvu. Katonda yatuwa amaanyi g'Omwoyo We, okusobola okutambulira mu bulamu obw'obuwanguzi ku bintu bino byonna; ky'atwetaaza kimu kyokka kukikkiriza. Ekyo kyabaawo ku lunaku olwo e Kalivaaliyo. Tewabangawo lunaku lulala nga olwo. Tewalibaawo lulirufaanana. Terukyetaagisa nate. Omutango gwasasulwa, era twanunulibwa. Katonda yeebazibwe! Twanunulibwa. Tewakyali kintu kyonna ky'olina kwewuunaganya. Tekikyaliko kuteebereza. Byonna byaggyibwawo. Eggigi lyaggyawo olutimbe, ne tuteekebwa ku

luguudo, obutaddamu kwewuunaganya nate, wabula kukkiriza bukkiriza era tutambule nga bwe tweyongera mu maaso. Nga tutambula okuyingira mu Kubeerawo kwa Katonda kwennyini.

67 Ibulayimu yamanya, era n'abalala baakimanya, nti bwe baali banoonya Ekibuga, baali bakimanyi nti waliwo Ekifo gye baava. Waliwo ekyali kibaddewo. Baali babeera mu nsi eyasannyalala. Ebikankano byajjanga. Emiyaga gyajjanga. Entalo n'okuttiŋŋana! Omusege n'omwana gw'endiga buli kimu nga kirya kinnaakyo, manya omusege nga gulya omwana gw'endiga, nga n'empologoma erya sseddume w'ente. Byali tebirabika bulungi. Waaliwo ekitali kituufu. Yakimanya nti waliwo ekitali kituufu. Abantu nga ow'oluganda atta muganda we; taata n'atta mutabani we, omutabani n'atta kitaawe. Waaliwo ekitali kituufu. Nga akaddiwa. Afa. Nga yenna aggwaawo. Nga endwadde zimwefunzizza. Nga ali mu busibe. Nga emiti gikula, naye tegibeerawo obutafa. Nga gifa. Ensozi zikyukakyuka. Agayanja gakalira. Amazzi gaggwawo. Waaliwo ekikyamu. Bw'atyo n'anoonya ekifo, Ekibuga nga mu kyo ebintu ebyo tebisobola kuddamu kubaawo. Yakimanya nti, ssinga amala n'addayo mu Kubeerawo kw'Oyo eyabikola nga bituukiridde, yali asobola okwogerezaganya naye ku nsonga eyo.

68 O, nga mukisa munene, gw'olina, ggwe omwonoonyi, enkya ya leero, okumanya nti ofunye Ekkubo kati. Olunaku olwo e Kalivaaliyo lwaggulawo ekkubo. Kubanga ekyo abakadde abo bonna kye baayigganga era kye baanoonyanga, Kalivaaliyo yakikuwa, ku bwereere. Oyinza otya okukisambajja? Oyinza otya okukisambajja, ne weegatta ku kibiina ky'eddiini? Oyinza otya okukisambajja, okukiwaanyisaamu n'ekintu ekirala, n'amasanyu g'ensi? Lwaki tokikkiriza? Eggigi eryayawuzibwamu likomyawo omuntu butereevu mu Kubeerawo kwa Katonda, nga taliiko kibi ku ye, eky'engeri yonna. Era ne liteeka mu maaso ge oluguudo, olumutuusa kw'ekyo ky'anoonya: Eggulu, ekitiibwa, emirembe, Obulamu Obutaggwaawo, buli kimu awo wennyini mu maaso ge.

69 Ku lunaku olwo a—amaanyi ga Ssetaani lwe gaakubibwa eŋŋumi ey'okufa. Lwakomekkereza buli kimu.

70 Era nsobola okumulaba nga Ali awo; Ye yali omwana gw'endiga ogw'omu lusuku Adeni, okuviira ddala ku kisiikirize kyaalwo ekyasooka.

71 Abeeri, olw'okukkiriza, bwe yawaayo eri Katonda ssaddaaka esinga obulungi okukira eya Kayini, ateekwa okuba nga yasiba e—ekibowabowa ky'omuzabbibu mu bulago bw'omwana gw'endiga, n'aguwalula nga bw'agutwala ku lwazi. N'akwata e—ejjinja mu ngalo ze, n'alikozesa nga empiima, n'alalamya omutwe gwayo bambi, n'agitemaatema n'agibetenta okutuusa lwe yafa. Ebyoya byayo ne bibuna omusaayi gwayo. N'esaabaana omusaayi gwayo. Ekyo kyali kisiikirize.

72 Naye ku lunaku olwo e Kalivaaliyo, ogwaliyo tegwali mwana gwa ndiga ogw'oku nsi kuno, wabula yali Mwana gwa ndiga ogwa Katonda, ye yafa, n'asaabaana Omusaayi Gwe Gwennyini. Yabetentebwa, n'atemwaatemwa, n'akubibwa, n'afujjirwa amalusu, n'awuttulwa, ne bamuwumiza, na buli kimu kyonna, nga ensi y'ebimukola, ng'Omusaayi bwe gutonnya okuva mu mivumbo gy'enviiri Ze.

73 Omwana gw'endiga gwa Abeeri bwe gwali gufa, gwafa, nga gwogera mu lulimi Abeeri lwe yali tasobola kutegeera. Nga bwe gukaaba.

74 Era n'Omwana gw'endiga gwa Katonda bwe yafa kw'olwo e Kalivaaliyo, yayogera olulimi ne wataba muntu n'omu amutegeera. "Katonda Wange, Katonda Wange, kiki ekikundesezzaawo?" Gwali Mwana gwa ndiga ogwa Katonda, nga gutemeddwatemeddwa, ne gubetentebwa.

75 Ye yali Omwana gw'endiga gwennyini Abeeri gwe yalina mu birowoozo, bwe yalaba Ezzadde ly'omukazi eryasuubizibwa. Ye yali Omwana gw'endiga Danyeri gwe yalaba, ogwatemebwa okuva mu lusozi, awataali kukozesa ngalo. Ye yali nnamuziga wakati wa nnamuziga, eri nnabbi. Byonna bye baali baalaba byatuukirizibwa kw'olwo, olunaku olwo e Kalivaaliyo. Olwo lwe lwaleeta ekisingayo obukulu. Olwakutula omugongo gwa Ssetaani.

76 Ekisooka, tulina okunoonya olunaku olwo kye lwali lutegeeza. Eky'okubiri, tulina okulaba olunaku olwo kye lwatukolera, kati, kye lwatukolera. Kati, eky'okusatu, leka tulabe kiki kye tuteekwa okukolera olunaku olwo. Tusaanye kukola ki?

77 Ekisooka, tulina okulutunulamu, kubanga lunaku lukulu, lwe lusingayo mu nnaku zonna. Omutango gw'ekibi lwe gwasasulwa. Amaanyi ga Ssetaani lwe gaamenyebwa.

78 Kale kati twagala tulabe kye tusaanidde okukola oluvannyuma lw'ekyo okubaawo. Kati, nga ekyo kimaze okubaawo, Yesu bwe yafa e Kalivaaliyo, e Kalivaaliyo kw'olwo, teyakoma ku kusasula busasuzi mutango gwa bibi byaffe kyokka, wabula yasasula omutango era n'aggulawo ekkubo tusobole okumugoberera; kubanga ffe, twali ba Adamu abaali baagwa kaakano abanunuddwa. Nga Omwoyo bwe yakulembera Adamu (Adamu eyasooka) ku bw'Omwoyo, oyo eyalina obuyinza ku butonde bwonna, naffe bwe tutyo (ba Adamu ow'okubiri), oba abantu ab'oku nsi abaanunulibwa Kristo, okuva ku lunaku olw'e Kalivaaliyo, tusobola okumugoberera. Kati, bwe yafa e Kalivaaliyo, yakolawo ekkubo. Yata Omwoyo, Omwoyo Omutukuvu, gwe yatuma okudda ku nsi, ggwe nange tusobole okubeerawo kubwaagwo. Ago ge makulu ga Kalivaaliyo gye tuli, okumugoberera.

79 Ekisooka, lutunulemu, olabe kye lwatukolera. Era kati kiki kye tuteekwa okulukolera? Tulina kukola ki ggwe nange?

80 Kati, tugamba nti, “Weewaawo, ekyo nki—nkisiima. Kirungi nnyo.” Naye tuteekwa okulusembeza. Era okulusembeza, kwe kumusembeza Ye nga Omuntu, Kristo mu mitima gyaffe.

81 Olwo, ne tuba ba ddembe okuva mu kibi, n’olw’ekyo waba tewakyaliwo njegere za kibi zikyatusibye, n’akatono. Katonda, nga tulinga abatayonoonangako, Ssaddaaka etuukiridde yatufuula abatuukiridde. Kubanga, Yesu yagamba nti, “Kale mubeerenga abatuukiridde, nga ne Kitammwe mu Ggulu bw’ali atuukiridde.” Olwo, waba tewakyaliwo kirala kya kukolebwa, kubanga tuba tufuuliddwa abatuukiridde mu Kubeerawo kwa Katonda.

82 Kaakati, awo we tuwabira ne tuva mu kifo kyaffe. Bwe tutabeera beegendereza, tukomekkereza tugezaako okutunula emabega okulaba kiki kye twali. Era kasita tuba nga tukyatunula emabega ku ekyo kye twali, Ssaddaaka eyo teba na makulu gye tuli. O, temusobola kukiraba, mmwe ekkanisa? Ssandige . . . Ssandigezezzaako kukola mulimu ogwo n’akatono. Ssisobola, era naawe tosobola. Tekyetaagisa na kugezaako. Oba wabula, okusooka kwa byonna, kasita otunula kw’ebyo bye wakola. Wabula leka kutunuulira ebyo bye wakola.

83 Tunuulira ekyo olunaku olwo e Kalivaaliyo kye lwakukolera. Lwasasula omutango gwo. Ekibuuzo kyayanukulwa. “Ebibi byo ebyali nga olugoye olumyufu; kaakano byeru nga omuzira. Byali bitwakaavu nga langi emmyufu; kaakano bitukula nga ebyoya by’endiga.” Kati tokyalina kibi. Toliiko kibi yadde. Ssi nsonga kiki kye wakola, oba ky’okola, osigala toliiko kibi. Kasita oba nga okkirizza Yesu Kristo nga Omulokozi wo, ebibi byo biba bisonyiyiddwa. Ekintu kyonna ekiba *kisonyiyiddwa* kiba “kiggyiddwawo era ne kyerabirwa.”

84 Kati ekyo kikola ki? Kikuweesa, Omwoyo We, oluvannyuma lw’akakwakkulizo ako, okusobola okumugoberera, n’okukola nga bwe yakola, eri abalala abagoberera. Yali Muntu omu yekka, Omuntu atuukiridde. Yawaayo Obulamu Bwe, n’Akuteerawo eky’okulabirako. Kati ffe tulina kukola ki?

85 Kaakati, ekisookera ddala kye njagala okwogera, kye kino nti, Yesu teyabeerawo ku lwa kwefaako Yekka. Obulamu Bwe yabuwaayo ku lw’abalala. Obwo, nga bwe butuukiridde, Obulamu Obutaggwaawo. Bw’ogamba nti ogenda mu kkanisa, era okola ebintu ebirungi, ekyo kirungi. Naye bw’oba nga mu bulamu bwo obeerawo kwefaako nga ggwe wekka, awo oba tolina Bulamu Butaggwaawo. Obulamu Obutaggwaawo, kwe kubeerawo ku lw’abalala. Ekyo kyakakasibwa bwe bw’ajja mu Mwana gw’endiga gwa Katonda. Yabeerawo, era yalina Obulamu Obutaggwaawo, kubanga teyabeerawo ku lwa kwefaako Yekka. Yabeerangawo ku lw’abalala. Kati Obulamu

Obutaggwaawo, obufuna kuyita mu kukkiriza lunaku olwo, era toddamu kwefaako wekka. Obeerawo ku lw'abalala.

86 Omuntu omu yagamba nti, "Oyinza otya okugumiikiriza, ne bakupaatiikako amannya ago amabi?" Tobeerawo ku lwa kwefaako. Obeerawo ku lw'abalala, osobole okununula omuntu oyo. Mufuuka baana. Naye omutawaana guli nti, ekkanisa yeerabira nti baali baana. Oli mwana. Oli mu kifo kya Kristo. Oli mwana, n'olw'ekyo tobeerawo ku lwa kwefaako. Beerawo ku lw'abalala.

87 "Weewaawo, Ow'oluganda Branham, nsobola okufaayo eri ow'oluganda *ono*, kubanga mazima musajja mulungi." Ekyo ssi kye ŋŋamba.

88 Faayo eri omusajja oyo akukyawa. Faayo eri omuntu oyo asobola n'okukutta ssinga aba afunye akakisa. Ekyo kye baamukola. Baamutta, naye yafa, asobole okubalokola. Obwo bwe Bulamu Obutaggwaawo. Obwo, ggwe, bw'obufuna mu mutima gwo, awo oba oyolekedde Ggulu. Naye weerekereza ebibyo byonna, n'obiwaayo, nga endiga bw'ewaayo ebyoya byayo. Amaaso go n'ogatunuza, e Kalivaaliyo.

89 Nsaba kino kikuyambe obeeko ekifo w'otuuka. Ky'ekyo ekkuŋŋaaniro, ky'ekyo abantu bonna, kye bateekwa okukola, kwe kwezuula, n'okuzuula ekigendererwa. Ekkanisa, ssi kugenda bugenzi mu kkanisa kukuba bivuga, na kuyimba nnyimba. Ekkanisa kifo kya kugololwa nsobi. "Omusango gutandikira mu nnyumba ya Katonda."

90 "Tuteekwa okwetwala nga abafu, tusobole okubeera abalamu eri Kristo." N'olw'ekyo, yatukolera engeri gye tusobola okwewaaayo nga ssaddaaka eri obuweereza Bwe, okusobola okumugoberera. Bwe tumugoberera, tutambulira mu bulamu bwe yatambuliramu. Ekyo kirungi nnyo.

91 Yesu bwe yagamba, era yakyogerako. Leka mbaweeyo ku kunokola kutonotono kw'ekyo. Muwulirize n'obwegendereza. Temukisubwa. Yesu yagamba nti, ku Lunaku luli alyawulamu mu bantu, nga bw'oyawula endiga n'embuzi. Era aligamba embuzi nti, "Muyimirire ku mukono ogwa kkono." N'endiga nti, "Muyimirire ku mukono ogwa ddyo."

92 N'agamba embuzi nti, "Muve wendi. Kubanga, nnali muyala, ne mutandiisa. Nnali mu kkomera, ne mutannambula. Nnali bukunya, ne mutannyambaza. Nnali muyonta, ne mutampa kya kunywa. Nnali mulwadde, ne mutankyalira. Kale, muve wendi."

93 Ate eri endiga, yagamba nti, "Nnali muyala, ne mundiisa. Nnali bukunya, ne mumpa eky'okwambala. Nnali mulwadde, ne mundabirira."

94 Kaakano mwekkaanye. Kino tekibayitako, mmwe ekkanisa. Kino kikuumirenga mu mutima gwo, ebbanga lyonna. Baakikola tebamanyi! Abantu tebakikola nga ekintu ekibakakatako

okukola. Omuntu akuwa ekintu, olw'okuba kimukakatako okukikola, omuntu akuliisa kubanga kimukakatako okukikola, oyo abeera n'endowooza ey'okwefaako yekka. Bulina okuba nga bwe bulamu bwo ddala, nga bye bikolwa byo ebya bulijjo byennyini.

95 Endiga zino kyazewuunyisa nnyo, okutuusa lwe zaagamba nti, "Mukama waffe, ddi lwe wali omuyala? Ne tutakuliisa . . . Ddi lwe wali omuyala, ne tukuliisa? Ddi lwe wali obukunya, ne tukuwa eky'okwambala? Ddi lwe wali omuyonta, ne tukuwa eky'okunywa? Ddi lwe wali omulwadde, ne tukulabirira?"

96 Byonna byekola byokka mu kwagala, bwali Bulamu Bwo obwali mu bo. Katonda, leka abantu bategeere kiki Kalivaaliyo kye yatukolera, kyekola kyokka.

"Ddi lwe wali, Mukama? Ekyo tetwakimanya."

97 Laba Yesu bwe yakyuka kye yayogera nti, "Buli kye mwakolera bano, mwakikolera Nze."

98 Obulamu obutali bwa kwefaako wekka; Ssi kumala kwerowooza. Ssi kusooka kukirowoozaako; wabula kwe kubeera nga oli mufu nnyo eri ebintu by'ensi eno, naye nga oli mulamu nnyo mu Kristo, bw'otyo nga otambulira ku luguudo, okutuusa nti ebintu bino byekola byokka mu ggwe. Nga okikola bukozi. Sso ssi kugamba nti, "Kale, kati, Mukama yandyagadde, Mukama, ayagala nkole bwentyo." Ssi ky'ekyo. Wabula nga oli kitundu ku Ye. Nga Omwoyo We ali mu ggwe, era nga weeyisa nga bwe yeeyisa. Ah! Mukifuna.

99 "Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye ku nkomerero limutwala mu kufa."

100 "Ssi buli agamba nti, 'Mukama wange, Mukama wange,' nti aliyingira, wabula abo abakola Kitange by'ayagala," nga babikola okuviira ddala mu mitima gyabwe, kyeyagalire.

101 Kaakati, olunaku olwo e Kalivaaliyo lwasasula omutango ogwo, tusobole okubeera bwe tutyo.

102 Sso ssi kugamba nti, "Omanyi, nnamwandu wa Jones lumu yali . . . Amanda gaali gamuweddeko, ne ŋŋenda ne mmugulirayo ku manda. Nkubuulira ki, nnalabye ow'oluganda eyetaaga essuuti ne ŋŋenda ne mmugulirayo essuuti. Katonda yeebazibwe! Ndi Mukristayo." O, baaba! Muntu ggwe eyeefaako wekka, omwavu, omunaku. Oli munnanfuusi.

103 "Toganya mukono gwo ogwa ddyo kumanya ogwa kkono kye gukola, n'ogwa kkono okumanya ogwa ddyo kye gukola." Wabula nga wafiira ddala mu Kristo, okutuusa nti okikola bukozi, awatali kufuba. Nga ye nkula yo. Nga bw'otyo bw'oli. Okikola bukozi, tomala kufuba. Nga obwo bwe Bulamu obukulimu. Nga weeweereddeyo ddala eri Omwoyo oyo, era nga Ye yennyini ye bulamu obuli mu ggwe. O, muwulira Omwoyo

oyo ow'omukisa, Obulamu obwo! "Ssi nze mulamu," Pawulo bwe yagamba, "wabula Kristo ye mulamu mu nze," kyekola kyokka.

104 "Kaakati, ka nkubuulire, Ow'oluganda Branham, ffe wano tuli Bakristayo. Tuyamba abantu *bano*. Abantu *abo* tubayamba." O, baaba! Nga muswadde. Obwo ssi bwe Bukristayo.

105 Obukristayo ekyo buteekwa buteekwa okukikola. Kiteekwa okukolebwa. Ggwe weerabire ebirala byonna, byonna ebya, "sijja." Genda, okikole.

106 Kristo yawaayo buwi Obulamu Bwe mu bujjuvu eri Katonda. Yeewaayo Ye, nga omuweereza w'abantu, eri abantu. Yawaayo Obulamu Bwe, kyeyagalire. Kyali tekimwetaagisa kukikola. Teyakikola nga yeemulugunya. Teyagamba nti, "Kaakati, ab'oluganda, mwenna musaanidde okundowoozaako ennyo ddala, kubanga nnajja kubafiirira." Teyakinyegako yadde. Naye okufa, yafa, kubanga Katonda ye yali akikolera mu Ye.

107 Katonda atuula mu ggwe, Katonda atuula mu nze, y'atuleetera okufaayo ku balala. Endiga, ku ludda lumu.

108 Omu ku bo aligamba nti, "Weewaawo, Mukama, nnakola *kino*. Era, Mukama, nnakola ne *kiri*."

109 Yagamba bugambi nti, "Muve wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu. Ssibamanyangako."

110 Ssinga ekkanisa erituuka mu kutegeera ennono ezo ezisookerwako, okutegeera nti ssi kintu ky'ogezaako okukola, kye weekaniikirira okukola. Wabula kintu ekizaalibwa mu ggwe.

111 Nsaba onsonyiwe, mukwano gwange Omupentekoote. Nange ndi mupentekoote. Naye mikwano gyange Abapentekoote batuuse ku ddaala, nga kirina okuba nti—nti ennyimba zaabwe ezisinga obungi za kwanguyiriza, nga bakuba ebivuga eby'enjawulo, oba okukuba mu ngalo, oba okukuba enseege, basobole okukola eddoboozi eribuutikira wonna. Okwo kukyamuukirira kwereere. Ebivuga bikubibwa nga beetegekera okugenda mu lutabaalo. Ne bateeka abantu mu mwoyo gw'olutabaalo. Nzikiririza mu kuyimba. Nzikiririza mu kukuba mu ngalo. Era nzikiririza mu bintu bino. Ekyo kituufu ddala. Tulina okuba nabyo.

112 Naye ebintu ebikulu mulese tebikoleddwa, bwe bulamu obwo obw'okweweeerayo ddala nga ssaddaaka Katonda abeere mu ggwe, nga akolera mu ggwe ekyo ekituufu kubanga kye kisaanidde. Nga weeyongera bweyongezi mu maaso, nga tolina ky'okirowozaako n'akatano. Nga bwe bulamu bwo obwa bulijjo. Kati awo wekkaanye, olabe ekigenda mu maaso. Ggwe. . .ggwe to. . .Oli ku luguudo. Ekyo Kalivaaliyo kye yali etegeeza gy'oli, ku luguudo, lwaggulwawo kw'olwo ku lulwo.

113 Kati, kati jjukira nti, tosobola kuba nga ekitundu ekimu oli mbuzi ate ekirala oli ndiga. Tebisobola kukwatagana.

114 Kati, waliwo abantu bangi abagamba nti, “Weewaawo, nkubuulire? Tulina ekitongole mu kibiina kyaffe. Ffe, tuyamba abanaku. Tukola *bino*.” Ebyo byonna birungi, naye awo muba mwefuuyira ŋŋombe olw’ekyo kye mukola. Temukola bwe mutyo.

115 “Okugaba kwammwe mukukolere mu kyama,” Yesu bw’atyo bwe yagamba. Kibe nga kyekola kyokka, mu ggwe, nga bw’onoogenda, n’ofunayo ku mazzi ag’okunywa. Ennyonta eba ekuluma. N’akuliraanye bw’aba n’ennyonta, mulowozeeko, naye. Ekyetaago kya muliraanwa wo, mulowoozeeko naye mu ngeri y’emu gye wandirowoozezza ku kyetaago kyo. Ate tokissaako mutima gwo. Beera nga atalina ky’okoze.

Kati, tosobola kubeera nga ekitundu ekimu oli ndiga nga ekirala oli mbuzi.

116 N’olw’ekyo ssinga ogamba nti, “Olaba, ekkanisa yaffe erina ekitongole. Tugabira abaavu, era tukola *kino*, ne tukola ne *kino*, ne tukola *n’ebirala*.”

117 Ekyo bw’obeera nakyo awatali kiri, eky’Obulamu bwa Kristo mu ggwe, mazima ddala oba okikolera bwereere. Yesu . . . Pawulo yagamba, mu Bakkolinso Ekisooka 13 nti, “Ne bwe mpaayo ebyange byonna okuliisa abaavu, ne mpaayo omubiri gwange okwokebwa nga ssaddaaka, mba ssiriiko kye ngasizza.”

118 Kaakati, kino kikalubo, naye ge Mazima. Oteekwa okutuuka okutegeera amazima ago, n’otegeera kiki Kalivaaliyo kye lwakukolera. Tulutunuulira, ne tugamba nti, “Ha, weewaawo, ekyo kirungi.” Naye ssi ky’ekyo. Bw’aba nga Omwana wa Katonda oyo yalina okugenda e Kalivaaliyo, akomererwe, na bwe kityo buli mwana yenna ajja ateekwa okubaako ne Kalivaaliyo gy’agendako. Naye ateekwa okusisinkana ne Kalivaaliyo. Oteekwa okuba n’olunaku olwo olw’e Kalivaaliyo. Nteekwa okuba n’olunaku olwo olw’e Kalivaaliyo. Ekyo kye kigonjoola ensonga y’ekibi. Ssi kukwata bukwasi mubuulizi mu ngalo; ssi kwanirizibwa bwanirizibwa mu kkanisa nga bakukwata mu ngalo; ssi kuyingizibwa kusinziira ku bbaluwa; ssi kuyingizibwa kusinziira ku bye wasomesebwa nga enzikiriza yo. Wabula kuyingira kuyita mu Kuzaalibwa. Tatuwangako bbaluwa. Tatuwangako njatula ya nzikiriza yonna. Yatuwa Kuzaalibwa. Eyo ye ngeri gye tuyingiramu. Kati, okuva awo, kiba kyekola kyokka nga tutambulira mu bulamu Obw’ekikristayo.

119 Kati, ensonga endala. Ekitundu ekimu mbuzi, ate ekirala ndiga, teriiyo kintu bwe kityo. Ku bibiri obeera mbuzi oba ndiga. Tosobola kubeera nga ekitundu ekimu oli mbuzi ate ekirala ndiga. Ku bibiri obeera mbuzi oba ndiga.

120 Kati, bw’okola obukozi ebikolwa ebirungi byokka, nga olowooza nti onaayingira, olw’ebyo, awo olunaku lwe Kalivaaliyo terwandyetaagisizza kubaawo. Kubanga ebyo

amateeka gaali gamala okubituukiriza. Naye, nga bwe kiri nti kyali kyetaagisa olunaku lwe Kalivaaliyo, lwali lwa kuleetamu ekyo, tuleme kubeera bubeezi ba mmemba ba kkanisa, wabula tubeere baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Ekyo olunaku lwe Kalivaaliyo kye lwali. Ekyo kye lwali lutegeeza gy'oli, ggwe okusobola okukola, n'okugoberera, n'okweyisa nga Yesu.

121 Kati, omugga tegukulukutira ky'engulu n'eky'emmanga, mu kiseera kye kimu. Omugga gukulukuta gudda ku ludda lumu lwokka. Omwoyo wa Katonda naye akulukuta adda ku ludda lumu lwokka. Teyeetabikatabika na bintu birala. Akulukuta adda ku ludda lumu lwokka.

122 Wekkaanye Yesu, mu kumaliriza. Yesu yagamba nti, "Emirimu gye nkola nammwe muligikola, era mulikola n'egisinga ku gino, kubanga Nze ŋŋenda eri Kitange."

123 Bino okusinga ssibyogera eri ekkanisa eya wano. Mukitegeera. Naye Obubaka buno bukwatibwa ku ntambi. Buwulirwa mitwalo na mitwalo gy'abantu, okwetooloola ensi yonna.

124 Ŋŋenda kuddamu ekibuuzo ekyo eri oyo anoonya ensobi, kati. Ntera okugamba... batera okuŋŋamba. Bagamba nti, "Kati mbu, okkiriza Bayibuli? Yesu yagamba nti, 'Emirimu gye nkola nammwe muligikola, era mulikola n'egisinga ku gino, kubanga Nze ŋŋenda eri Kitange.'"

125 Oyinza kuwaba kwenkana wa, ssebo? Oyinza kubungeetera wala kwenkana wa okuva ku kwawula ebintu, nga okozesa entegeerayo ey'eby'eddiini, n'entegeera yo ey'obwongo ku kintu kyonna? Mukwano gwange omwagalwa eyabula, ky'ogamba tosobola kukitegeera nti Bayibuli eno evvuunulwa mu mwoyo?

126 Yesu yeebaza Kitaawe olw'okukikweka abayivu, n'abakalabakalaba, n'abagezi, n'abategeevu, n'akibikkulira abaana abato abo abasobola okujja e Kalivaaliyo.

127 Kati wekkaanye. Yesu yagamba. Wekkaanye engeri gye yakyogeramu. "Emirimu gye nkola," Agikola mu kaseera kano kennyini. "Emirimu gye nkola kaakati, okuwonya abalwadde, okuzuukiza abafu, okuzibula ba muzibe amaaso, emirimu gino nammwe muligikola. Gino muligikola ssinga munzikiririzaamu. Mulikola emirimu gino. Era mulikola n'egisinga ku gino, kubanga Nze ŋŋenda eri Kitange."

128 "Esigadde akaseera katono, ensi obutaddamu kundaba, naye mmwe muliba mundaba. Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi. Ssiribaleka nga bamulekwa. Nja kusaba Kitange; naye alibaweereza Omubeezi omulala, nga ye Mwoyo Mutukuvu, oyo ensi gw'etayinza kusembeza; naye, mmwe musobola okumusembeza."

129 Kati wekkaanye. Emirimu “egisingako”, kwali kubeera na Maanyi mu Kkanisa, ssi kuwonya balwadde kuyita mu kubasabira kyokka, n’okugoba emizimu okuyita mu kusaba, naye n’okuwa abakkiriza Obulamu Obutaggwaawo. Omwoyo Omutukuvu yali ajja, era yassibwa mu mikono gy’Ekkanisa, esobole okuwa Obulamu. O! Ekyo Kalivaaliyo kye yali etegeeza. Yaddira abantu abataalimu nsa, abasajja n’abakazi abaali aboonoonefu, n’ebayimusa n’ebateeka mu kifo, okufuuka abaana ba Katonda ab’obulenzi n’ab’obuwala, okuwonya abalwadde n’okugaba Obulamu Obutaggwaawo; okuyita mu kuwa abakkiriza abawulize Omwoyo Omutukuvu, abantu olumu abataali bakkiriza, okufuulibwa abakkiriza, ne bagaba obulamu obw’omwoyo, Obulamu Obutaggwaawo.

130 Kisingawo kyenkana wa obukulu: Okugamba nti, “Omukazi ono omulwadde agalamidde wano, nsobola okusaba essaala ey’okukkiriza n’awonyezebwa,” ekyo kintu kikulu, ekyo kye yali akola mu kiseera kiri; “naye,” yagamba nti, “mulikola n’egisinga ku gino; Ŋŋenda kubawa Amaanyi, ssi kumuzuukiza abeerewo akaseera katono, wabula n’okumuwa Obulamu Obutaggwaawo, obwo Obutaliggwaawo, emirembe n’emirembe.”

131 Bantu mmwe abanaku, abazibe b’amaaso, abasaasirwa, ekyo mukisubwa mutya? Temusobola kulaba egyo “egisingako” kye kitegeeza? Ekyo kye kintu ekisinga obukulu ekyali kibaddewo, kwe kuwa abantu Obulamu Obutaggwaawo. Obulamu Obutaggwaawo kye kiki? Bwe Bulamu bwe yatambuliramu, Obulamu obwali mu Ye, Obwo n’abuwa abalala. Ekyo omuntu asobola okukikola? Bw’aba mwana wa Katonda asobola.

132 Yesu yagamba nti, “Ebibi by’abo bonna be munaasonyiwanga, binaabasonyiyibwanga; n’ebibi by’abo bonna bye mutalisonyiwa, biribasigalako.”

133 Kati wano ekereziya Katolika n’abalala bangi we baakolera ensobi yaabwe esinga obunene. Bagenda eyo ne bagamba nti, “Ebibi byo mbikusonyiyiye.” Kyali tekitegeeza ekyo.

134 Baasonyiwa batya ebibi, mu Bayibuli? Petero ekibuuzo ekyo yakyanukula, ku lunaku lwa Pentekoote. Baagamba nti, “Tuyinza kukola ki okulokolebwa? Tuyinza tutya okufuna Kino mwenna kye mulina?” N’abawa endagiriro. N’abagamba eky’okukola.

135 N’agamba nti, “Mwenenye, buli omu ku mmwe, eri Katonda, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo.” Ku lwaki? Ku lw’okuggyibwako ebibi byammwe. Ekyo emirimu “egisingako” kye gitegeeza.

136 Bameka, ku mmwe ababuulizi enkya ya leero, bameka, ku mmwe abawuliriza Ekigambo kyange ku lutambi lwa kkaseti, abeetegefu okugenda e Kalivaaliyo enkya ya leero? Okulaba ekyo Katonda kye yabakolera eyo. Mwabulire ebikwate by’ebibiina

by'amadiini gammwe, mubuulire Enjiri. Aleruuya! Kiri mu ngalo zo kati. Ogenda kukikozesa ki?

137 "Kubanga okwenenya n'okuggyibwako ebibi kuteekwa okubuulirwa mu Linnya Lye, eri ensi yonna, okutandikira mu Yerusaalemi." Aleruuya! Ekitiibwa! Kiikyo.

138 Kalivaaliyo lutegeeza ki gy'oli? Olunaku olwo kiki kye lwakukolera? Lwakujjuzaamu, na njigiriza z'amadiini? Lwakuwaganyaza buwaganyaza? Oba lwakufuula Mukristayo, eyeewereddeyo ddala? Aleruuya!

139 Ekibi, kisonyiyiddwa! "Emirimu egisinga ku gino gye mulikola mmwe." Olaba ba "mmwe" be b'ani, tobalaba? "Emirimu egisinga ku gino," okusonyiwa ebibi, mu Linnya lya Yesu Kristo.

140 Naye okuyita mu biyiiye n'ebibiina by'amadiini, n'ebirala, byabasibira wansi okutuusa nti, mukyaweereza nsi. Mbuulirayo omusajja yenna, mbuulirayo omukazi yenna, asobola okutuukako e Kalivaaliyo ate oluvannyuma n'agezaako okwefuula ow'ekitalo olw'okuba waliwo alina ky'ayogedde. Mbuulira bw'osobola okutunula Kalivaaliyo mu mmunye, mu ndaba yaalwo entuufu, olunaku olwo e Kalivaaliyo. Oyinza otya okufuna olunaku lwo e Kalivaaliyo, ate n'ovaayo nga owaganyadde? Oyinza otya okuvaayo nga ofuuse kagologoosi ka kibiina kya ddiini ekimu, n'obuulira enjigiriza ezaagunjibwawo abantu? Lwaki terukuwombeeka eri Kigambo kya Katonda? Ssinga ogendayo, ojja kuvaayo nga oli muwombeefu. Oyinza otya okwagala okuba omuntu ow'ekitalo mu kibiina kyo, olw'okuba olina ekintu eky'amaanyi kye weenyumiririzaamu, nga Yesu Kristo Omwana wa Katonda yeewombeeka okuba mu mubiri ogubetenteddwa, n'okufujjirwa amalusu mu maaso, okutuuka ku kuswazibwa n'okutyoboolwa? Ne bamwambulamu ebyambalo Bye, ne bamukomerera, nga ensi eraba. "N'anyooma ensonyi." Oyinza otya okugenda e Kalivaaliyo n'ovaayo nga oli muntu wa njawulo nnyo kw'ekyo kye yali, eky'okutyoboolwa, n'okuswazibwa?

"O," ogamba nti, "bajja kungoba." Oba bakugoba bakugobe.

141 Ggwe funa olunako lwo e Kalivaaliyo, Katonda ye ajja kukola okwagala Kwe mu bulamu bwo. Ekyo leka nkiddemu nate. Ggwe funa olunaku lwo e Kalivaaliyo, Katonda ye ajja kukola okwagala Kwe mu bulamu bwo.

Leka tusabe.

142 Mukama, Ai Katonda, twambuse ffena e Kalivaaliyo mu kaseera kano kennyini. Leka twawukane n'obw'obuntu bwaffe, Mukama, n'okutya abantu, n'okutya ekyo omulala ky'anaagamba. Newankubadde, nga ensi yonna yamusekerera, n'emujolonga. Naye yali muwulize, okutuusa okufa. Yali muwulize, eri okutyoboolwa. Yali muwulize, n'eri gavumenti eyali mu buyinza.

143 Era tukitegeera nti Ssetaani bwe yakuba ensi eno, yafuuka omufuzi era nnannyini buyinza mu nsi muno. Ekyo yakyoleka ne mu maaso ga Mukama waffe, n'agamba nti, "Obwakabaka buno bwange. Mbukozesa kyonna kye njagala." Era tukiraba nti, okuva ku lunaku olwo okutuusa leero, ensi eno, nga eri wansi w'ekikolimo, ebaddenga efugibwa oyo eyagikolimira.

Naye, Katonda, Ai Katonda, ffe tuweereza obwakabaka obutali bukolimire.

144 Kitaffe Katonda, nga kyewuunyisa, okulaba, nti waliwo ebintu eby'amaanyi by'Okoze mu—mu bazannyi ba ffirimu ennaku zino. N'okkiriza ffirimu zino ennungi ennyo, nga *Amateeka Ekkumi*, n'endala, okufulumizibwa, okusobozesa abasajja n'abakazi okuziraba, abo abaali tebasobola na kulinnya kigere kyabwe mu mulyango gwa kkanisa, naye n'obakkiriza balabe bwe kiri. Ekkubo lya Katonda lye kkubo eryagaanibwa, ensi. Kubanga tulinga . . . Tugenda mu Russia efugibwa obwa nnaakalyak'ani.

145 Tuli mu nsi eno, naye tetuli ba nsi eno. Twagenda e Kalivaaliyo. Twakomerera obulamu bwaffe, ku lw'Obwakabaka bwa Katonda, okubeera omu ku babe. Ssi nsonga ensi eyogera ki, tuyimirira n'abatono ba Mukama abanyoomebwa. Tweyongera mu maaso okutuuka ku kuzuukira, era tukkiriza nti okwo kunaatera okubaawo, Mukama, we tulizuukirira mu Bwakabaka obuliwamba ensi eno. Nga Danyeri bwe yakiraba nga tekinnabaawo, era bwabetenta ensi yonna, n'esesebbuka ng'olufufugge, embuyaga n'erufuumuula okuva ku gguuliro ly'ekiseera ky'ekyeya. Naye, olusozi, Ejjinja lyakula ne ligejja ne lifuuka olusozi olunene olwabuutikira ensi. Ejjinja eryo ligenda kujja. Ai Katonda, twagala kubeera kitundu ku lyo. Tuyambe twerekereze, twetikkenga omusaalaba gwaffe buli lunaku, tubeerewo ku lwa Kristo, tubeerewo ku lw'abalala. Kituwe, Mukama.

146 Wano bwe waba waliwo omuntu enkya ya leero, atamumanyi nga Mulokozi we, nga wandyagadde okujjukirwa mu ssaala eno eggalawo, era nga wandyagadde luno lubeere olunaku lwo olw'e Kalivaaliyo, yimusa emikono gyo, ogambe nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham. Njagala kumumanya nga Omulokozi wange." Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Waliyo omulala yenna? Katonda akuwe omukisa, muganda wange emabega wali.

147 Waliyo omulala yenna? Agamba nti, "Njagala kumumanya. Njagala leero lubeere lunaku lw'e Kalivaaliyo, gyendi. Nneetamiddwa era nkooye. Kingasa ki okudda wano ne ntandika okuzannyisa ekintu kyennyini kye nnazaalibwa okukola? Nnazaalibwa, nnazaalibwa kubeera mwana wa Katonda, naye nzuuno wano nneekutte ku bintu bya nsi. Katonda, nsaba nkomererwe leero. Nsaba nneekomerere, leero, n'endowooza zange, nsobole okubeera omulamu ne

Kristo, era mbeerewo ku lw'abalala. Ssi nsonga kiki kye banankola, okunjolonga, ne banjigganya, ne banjogerako obubi bwonna, n'ebintu ebirala, nsaba ntambule butambuzi mu buwombeefu, era mu bukkakkamu nga omwana gw'endiga, nga Ye bwe yakola. Era lumu, yasuubiza nti alinzuukiza nate, ku Lunaku olw'enkomerero. Nnindiridde Olunaku olwo." Wayinza okubaayo emikono emirala egiyimusibwa? Katonda akuwe omukisa emabega wali, naawe. Kale. Abalala bakya. . . Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Abalala, nga tetunnasaba.

148 Kitaffe Ow'omuggulu, kyayogerwa, Petero bwe yabuulira ku Lunaku lwa Pentekoote nti, "Bonna abakkiriza ne bagattibwa ku Kkanisa." Bakkiririzanga ddala n'emitima gyabwe gyonna. Abantu bano abaakamala okuyimusa emikono gyabwe, nzikiriza nti bakkirizza n'emitima gyabwe gyonna. Era bwe baba nga bakkirizza, waliwo ekidiba ky'amazzi ekibalinze wano. Baagala ebibi ebyo bibasonyiyibwe. Waliwo wano omuntu asobola okubabatiza mu Linnya eryo, nga lye Linnya lyokka eryaweebwa abantu wansi w'Eggulu, mwe tulina okulokolerwa.

149 Kubanga, nga bwe nnanokodde mu Kyawandiikibwa eddakiika ntono eziyise, nti, "Okwenenya n'okuggyibwako ebibi biteekwa okubuulirwa mu Linnya Lye, eri ensi yonna, okutandikira e Yerusaalemi." Era e Yerusaalemi, okwenenya n'okuggyibwako ebibi bwe byabuulirwa, omutume yababuulira okuva mu Byawandiikibwa, n'agamba nti bateekwa "kusooka, kwenenya, n'oluvannyuma babatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo." Ogwo gwali mulimu gwa mubuulizi okukola ekyo. Ogwabwe gwali gwa kwenenya, ye ababatize olw'okuggyibwako ekibi kyabwe. "Ebibi by'abo bonna bye munaasonyiwanga, binaabasonyiyibwanga; n'ebibi by'abo bonna bye mutalisonyiwa, biribasigalako."

150 Kitaffe, ensi yatuuka etya okwegugunga n'eba nga bw'eri kati? Lwaki tebakkiriza Njiri ennyangu? Ne batuuka n'okuyingizaamu, ebintu nga bino, okubiteeka mu kifo kyakyo: amannya amajingirire, okubatiza okukyamu, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okujingirire, okwesigulira ku kukwata mu ngalo z'abaweereza, okukozesa ebitiibwa ebya Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu, ebitalina we biri mu Byawandiikibwa; ekiwandiiko ekyakolebwa abasajja Abaruumi, ekitali njigiriza ya Bukristayo nga tolina w'obisanga mu Bayibuli. Okuggyibwako ebibi tebisobola kuggyibwawo kuyita mu bitiibwa, wabula okuyita mu Linnya lya Yesu Krsto.

151 Kaakati, Kitaffe, tukimanyi nti abasinga obungi tebakyagala. Amakubo go bulijjo gabaddenga bwe gatyo. Naye leka abasajja n'abakazi, enkya ya leero, bajje eri olunaku olwo, olunaku olwo e Kalivaaliyo. Eyo, Yesu, gye yanyoomera olunaku olwo, ensonyi ezo, n'ayambulwa, n'okutemebwatemebwa mu butundutundu, n'afujjirwa amalusu, n'ajolongebwa; ensi yonna,

ekkanisa, n'abantu abandimwagadde. Naye, ate, nga mu ebyo byonna, teyayasamya kamwa Ke, n'agenda n'afiirira abantu abo abaali bamujolonga.

152 Katonda, tutwale e Kalivaaliyo enkya ya leero. Ne bwe banaatuyita abalalu, ne bagamba nti Ebyawandiikibwa twabitegeera bubi, kyonna kye baagala okwogera, Katonda, tebasobola kuyimirira mu Maaso ga Katonda ne bagamba nti kikyamu.

Tebasobola kubikka ku bibi byabwe nga bakozesa Bayibuli. Bayibuli eyasanguza ebibi byabwe: obutakkiriza babwe; okwagala okusiimibwa abantu; n'okweyisa nga abalala. Leka bajje e Kalivaaliyo enkya ya leero.

153 "Era okutandikira e Yerusaalemi; okwenenya n'okuggyibwako ebibi kuteekwa okubuulirwa mu Linnya Lye eri amawanga gonna, okutandikira e Yerusaalemi."

Leka batwale eddaala lye limu eryo ery'okukomererwa okutemebwatemebwa; okufujjirwa amalusu; n'okujolongebwa; n'okuyitibwa buli kimu kyonna kye basobola okuyitibwa bakyewaggula olw'enzikiriza yaabwe; abayuzaamu amakanisa; na byonna bye baagala okubayita.

Tusaba, Mukama, enkya ya leero, tulondewo okuba ku ludda lw'abo abatono ba Mukama abanyoomebwa. Leka tutambule nga abatume bwe baatambula, nga tetukyamira ku kkono wadde ku ddyo, era okuviira ddala mu bulungi bw'emitima gyaffe tuweereze Katonda. Kituwe, Kitaffe.

154 Kaakano, wonya abalwadde n'abanyigirizibwa abajja mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa. Leka bano bonna abawanise emikono gyabwe, mu mitima gyabwe, beenenye, mu kaseera kano. Leka abo bonna ababadde bakyesisiggiriza okumala ebbanga, bajje bunnambiro eri amazzi baggyibweko ebibi byabwe olw'Erinnya lya Ssaddaaka, Yesu Kristo, Omwana wa Katonda. Amiina.

Wansi ku musaalaba Omulokozi wange kwe yafiira,
Wansi awo we nnakaabira olw'okunaazibwako ebibi;
Awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri . . . Lye

Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
O, ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
O, awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

Nnalokolebwa okuva mu kibi mu ngeri eyewuunyisa, (Ntya?)

Yesu mu mirembe egy'ekitalo atuula mu nze,
Awo ku musaalaba we yannyingiriza . . .
(Okubeera omu ku babe.);
O, ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye! (Erinnya ery'Omuwendo.)
O, awo . . . Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri . . . Lye

155 Ekyo tekirina kya njawulo kye kikola mu ggwe? Nga kikunaaliza ddala munda. Ne kikuteekamu essuubi: Obulamu, Obulamu Obutaggwaawo.

156 Kitegeeza ki "okukomererwa ne Kristo"? Kwe kubeerawo ku lw'abalala. Balala kika ki abo? Abo abakukyawa, abo abatakwagala, abo abakujolonga: beerawo ku lwabwe; beera nabo; baagale; "musabirenga abo ababayisa obubi, ababakonjera ebibi byonna, olw'Erinnya Lyange. Ne bannabbi abaabasooka baabayigganya."

157 Nnalowoozezza nti oba oli awo obubaka bunaayamba ekkanisa enkya ya leero, musobole okukiraba nti twetaaga Kalivaaliyo, twetaaga okukomererwa.

158 Kaakati kiki ekyakolebwa? Byonna byasasulirwa. Mwannyinaze ali mu kagaali k'abalema, eri abalwadde n'abanyigirizibwa abali wano: Byonna byasasulirwa; kimu kyokka ky'olina okukola kwe kukkiriza nti kikyo; okikkirize mu ngeri y'emu, era ojja kuwonyezebwa.

159 Jjukira: Kati kitegeeza ki? Osobola okugenda mu nsi, n'obuulira Enjiri, n'owonya abalwadde; n'ogaba Obulamu Obutaggwaawo.

Kiyinza kusingako kyenkana wa: nga, wano waliwo omusajja agalamidde wansi n'e—n'ekizimba, kookolo, kyonna kye kiri. (Tumulabye emirundi mingi nnyo nga agaba emikisa Gye n'awonya omusajja, n'awonya omukazi; emirundi nkumi na nkumi egy'ebintu ebikoleddwa ebitawakanyizika okwetooloola ensi, olaba, nga baggyibwa ku butanda, ku busituliro; abantu abaali nga basigadde kisiikirize busiikirize nga baliiriddwa kookolo; naye nga leero, baawona, balamu bulungi.) "Emirimu gino gye nkola nammwe muligikola; naye mulikola n'egisinga ku gino": "egisinga ku gino," bwe kiri.

Kye kiki? Nnabawa okwongezaayo obulamu, okuyita mu Linnya lya Yesu, okwongera ku buwangaazi bwabwe ennaku entonotono.

Wabula, "Mulikola n'egisinga ku gino: mulibawa Obulamu Obutaggwaawo mu Linnya Lyange." Whew!

160 Lwaki okwatirwa ensonyi Erinnya eryo ery'omuwendo? Lwaki abantu balyewala ne balibeera wala? Ssetaani y'akikola. Mazima ddala.

161 "Okwenenya n'okuggyibwako ebibi kuteekwa okubuulirwa mu Linnya Lye mu nsi yonna, okutandikira e Yerusaalemi." Eyo Obubaka gye bwasookera nga tebunnabuna wonna. Ssi bwe kiri? "Okwenenya n'okuggyibwako ebibi okubuulirwa mu Linnya Lye, okutandikira e Yerusaalemi."

162 Kati, ekisooka tujja kukola nga bwe yakola: tubeere n'okusabira abalwadde.

163 Ekiddako, tujja kuba n'ekirabo ekikulu: Amazzi weegali, emabega wali, eri oyo yenna ayagala okubatizibwa (wano waliwo engoye z'abakazi, engoye z'abasajja ziri wano eno), zirindiridde ggwe okuggyibwako ebibi byo; kubanga jjukira nti, ebibi byo bisobola kukuggyibwako mu ngeri emu yokka kusinziira ku njigiriza ya Bayibuli. "Kubanga tewali Linnya ddala wansi w'Eggulu eryaweebwa abantu, mw'ogwanidde okulokolerwa."

164 Pawulo alina be yasisinkana abaali baamala edda okubatizibwa. Era baali baleekaana, nga balina obuwanguzi. N'agamba nti, "Mwabatizibwa kuyingira mu ki?"

Ne bagamba nti, "Mu kubatizibwa kwa Yokaana."

N'agamba nti, "Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenya." Kati, kino mukifune: okw'okwenenya, so si kuggyibwako bibi. Bameka abakitegedde ekyo? Ssi kwa kuggyibwako bibi. Bonna baali baabatizibwa bulungi, olw'okwenenya. Baali beenenya: "Yee, ssebo, nneenenya. Nze, nga nzikiriza nti Ajja." Baabatizibwa *lwa kwenenya*; kwe kugamba nti, "okukkiriza Mukama Yesu Kristo."

165 Awo bwe baawulira *kino* (nti Ssaddaaka yali yamala dda okujja), ne baddamu ne babatizibwa, mu Linnya lya Yesu Kristo. Oluvannyuma, bwe bassibwako emikono, ne baweebwa, Omwoyo Omutukuvu; ne boogera mu nnimi era ne balagula.

166 Kati, ogenda kukyusa otya Ekyawandiikibwa? Ggwe baako w'onsongera wonna mu Bayibuli omuntu yenna we yali asonyiyiddwa ebibi bye, mu Ndagaano Empya, n'abatizibwa mu ngeri endala yonna etali mu Linnya lya Yesu Kristo.

167 Ndagaayo ekifo kimu mu Bayibuli omuntu yenna we yabatizibwa mu Linnya lya Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu. Oba ndeetera ku mmeeza yange ebyafaayo, ebyafaayo by'ekkanisa ebiraga omuntu yenna eyali abatiziddwa mu Linnya lya Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu, okujjako okutuusa awo mu myaka bisatu oluvannyuma lw'okufa kw'omutume eyasembayo, ekleziya Katolika we yafuukira eddiini entongole.

168 Kaakati, nnina ekitabo kya *Pre-Nicene Fathers*, ne... ne bannabyafaayo bonna, na buli kimu, mu tterekero lyange

ery'ebitabo: ebyafaayo eby'edda, eby'omuwendo mu nsi; obukakafu bwokka bwe tulina obutawakanyizika.

169 Soma akatabo ka *Our Sunday Visitor*, oba katekisimu ya ekleziya Katolika, obyekkaanye, olabe kye bigamba mbunno: "Abamu ku abo Abawakanya Obukatuliki oba oli awo balirokolebwa, olw'okugondera enjigiriza y'Ekikatuliki: Kubanga Bayibuli yaabwe egamba nti, 'mubatize mu Linnya lya Yesu Kristo,' naye essira tuliggye ku 'Linnya lya Yesu,' ne tuliteeka ku 'Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu,' era ekyo bakikkiriza."

Kaakati, ndagaayo Ekyawandiikibwa ekikontana n'ekyo.

170 Byonna biibyo awo. Kyokka nga ate, ensi ebigondera. Lwaki? Tebatuukangako Kalivaaliyo. Ky'ekyo. Tebagirabangako.

171 Bajja kukujolonga bakuyite . . . bajja na kukuyita, "Mutukuvu eyeevulunga," "Yesu yekka," n'amannya ago gonna ag'obuzoole ge basobola. Kyonna kye bakuyita kikyusa ki? Kiki kye ba . . . Yafaayo ku kiki kyonna kye baamuyita? Yakomererwa. Yabeerawo ku lwa Katonda, era ku lwa Katonda yekka. Era Omwoyo ogwo gwe gumu, ogwali mu Ye, bwe guba mu ggwe, gujja kukuleetera okukola ekintu kye kimu: okutwala Erinnya Lye. "Buli kye munaakolanga" (Bayibuli bw'egamba) "mu kigambo oba mu kikolwa, mukolerenga byonna mu Linnya lya Yesu, nga mwebaza Katonda."

172 Enjigiriza eyo ey'obusatu, ey'ekikaafiiri ogisanga wa? Ogisanga mu katekiisimu, so si mu Bayibuli. Ekigambo "tiriniti" tekyogerwako n'akatono mu Byawandiikibwa byonna okuva ku Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa. Temuli kintu nga ekyo. Tewali kintu nga katonda ali mu busatu. Ye Katonda, Katonda yekka, Katonda omu. Lubeerera abaddenga Katonda omu. Yaweereza mu wofiisi ssatu: Yaweerezaako nga Kitaffe, mu biseera bya Musa. Yaweerezaako olumu mu mubiri, nga Omwana, Yesu. Aweereza kaakano nga Omwoyo Omutukuvu. Naye nga ye Katonda omu. Katonda omu, ssi kugamba nti nga alina amannya asatu. Wofiisi ssatu, ebitiibwa bisatu mu Linnya limu: Yesu Kristo.

173 Ekirala kyonna ekyawukana kw'ekyo kya bukaafiiri; era njagala wabeewo akindaga, bwe kiba nga ssi bwe kiri. Bwe kiri. Ekyo nkyogedde okumala emyaka n'emyaka n'emyaka, naye tewabangawo yali azze, teri (Okiraba?), kubanga tekisoboka. Nnafuna . . . Bayibuli yiino, okusooka; n'ebyafaayo eby'edda biibino okukakasiza ddala nti bwe kiri. Naye lwaki ssetaani amala ga . . . ? Na . . . Weewaawo Bayibuli yagamba nti baliba bwe batyo: "Basobola batya okujja, nga ssi Nze mbaleese?" Ekyo kye kyokka kye nkimanyiiko. Ekyo Yesu kye yayogera, n'olw'ekyo . . .

174 Ekyo ssikyogera kuba . . . Ekyo ssinga nkyogera, ate ne mbuulira obubaka nga buno, nnandibadde munnanfuusi

asingayo obubi mu makkati gammwe. Bwe kiri. Ekyo nkyogera kubanga Ge Mazima era Bwe Bulamu. Era abo bonna ababatizibwa okuyingira mu Kristo, bambala Kristo. Balina Obulamu, olw'Erinnya Lye.

175 Tusaba mu Linnya Lye, tunoonya mu Linnya Lye, tubuulira mu Linnya Lye, tubatiza mu Linnya Lye, tubeera balamu mu Linnya Lye, tufa mu Linnya Lye, tugenda mu Ggulu mu Linnya Lye, tuzuukira mu Linnya Lye. "Ebiri mu Ggulu byonna byatuumibwa erinnya Yesu." Bayibuli bw'egamba nti: "Ebiri mu nsi byonna byatuumibwa erinnya Yesu." Yagamba nti, "Najja mu. . . "

Oyinza okugamba nti, "Kale, lye Linnya lya Kitaffe."

*Kitaffe* ssi linnya, wabula kitiibwa. Yagamba nti, "Nnajja mu Linnya lya Kitange, ne mutansembeza." Kaakati, yajjira mu Linnya ki? Uh-huh. Mazima ddala, " . . . ne mutansembeza."

176 Kale kiikyo; bwe kityo bwe kiri, weewaawo, kyakwekebwa okuva eri amaaso g'abagezigezi n'abakalabakalaba. Mazima ddala, kyakwekebwa, uh-huh.

177 Era mu Kubikkulirwa, nga bwe twayigiriza luli: waliwo ekkanisa eyo malaaya ey'edda, nga kye kibiina ekigunje ekyasooka; era yalina ekibinja kya bawala baayo abaazaalibwa okuva mu yo. Nabo bakola ekintu kye kimu, omuze gwe gumu. Nabo bonna bakomekkerereza mu Babulooni, mu ngeri y'emu, n'e. . . n'ekkanisa ye Roma n'akakiiko k'amakanisa g'a—g'amawanga; era yiiyo, bonna bakomekkereza, bonna mu kintu kye kimu, mu lyato lye limu.

178 Naye Ekkanisa ya Katonda (Aleruuya!), Kkanisa eyayitibwayo, n'eyawulibwa. Ekkanisa yazimbibwa etya? Kino onaakitegeera otya? Osobola otya okutegeera nti gano ge Mazima? Nga Katonda agakubikkulidde. Abeeri ya—yategeera atya nti gwali mwana gwa ndiga so si bibala ebya apo? Kyamubikkulirwa: "Olw'okukkiriza Abeeri yawaayo eri Katonda ssaddaaka esinga obulungi."

179 Bwe yali ng'akka okuva ku Lusozi olw'Okuwanyisibwa, Yesu yagamba nti, "Abantu bampita ani?"

Abamu ne bagamba nti, "Eriya," "Musa," n'ebirala.

N'agamba nti, "Naye kati mbuuza mmwe, 'Mumpita ani?'"

Petero n'agamba nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu."

180 N'agamba nti, "Kino tewakiyigirizibwa. . . " Kye ntegeeza (Kino ssikyogera, kulabika nga ow'amaanyi, wabula kujjayo nsonga yange): "Kino tewakiyigirizibwa mu seminaaliyo; oba nti waliwo omuntu eyakikuyigiriza; wabula Kitange, ali mu Ggulu, y'akikubikkulidde: nti NZE (ssi Kitaffe, Mwana, ne Mwoyo Mutukuvu, wabula, Nze Yesu Kristo). Era ku lwazi luno (Lwazi ki? Lwe lumu olwo Abeeri kwe yali; ku lwazi

olwo lwe lumu.), ku lwazi luno, nga ge Mazima ga Katonda ag'omwoyo agabikuddwa, kwe ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza." Bwe kiri. Gigezaako, naye tegirigiyinza. Okiraba?

181 Kale ggwe genda bugenzi e Kalivaaliyo, okomererwe, bw'ovaayo, otambule wamu n'abatono ba Mukama abanyoomebwa, weeyongere mu lugendo.

182 Kaakano, Mukama, tuwaayo ebintu byonna gy'Oli. Ssimanyi, kiki ekiri wano, mu kibiina kino. Ssirina kye mmanyi n'akatono, Mukama, okujjako nga okimbikkulidde. Era kaakano, Kitaffe Katonda, ssikusaba kukola ekyo. Nkitadde mu mikono gy'abantu. Baabo. Leka eno ebeere Kalivaaliyo eya nnamaddala enkya ya leero; leka kubeere okukomererwa kwennyini eri okweyagaliza ffekka, n'okwegomba, n'eri ebintu eby'amaanyi eby'obulamu.

183 Leka abasajja beewombeeke, era babeere beetegefu okutambula wamu n'abatono ba Mukama abanyoomebwa. Leka batambule nga bawombeefu. Leka bazaalibwe mu Bwakabaka buno, Obwakabaka bwa Katonda buno obw'amaanyi, nga gwe mubiri ogw'omwoyo, omubiri gwa Kristo ogw'oku nsi: "Olw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu mubiri gumu."

184 Kikole, Mukama. Oba baddugavu, oba beeru, oba ba kyenvu, oba ba katakketakke, kyonna kye bali, oba basajja oba bakazi, oba baddu oba ba ddembe: ffenna twanywesebwa ku Mwoyo y'omu.

185 Kikole, Kitaffe, era leka kibeere ne. . .mu bangi, enkya ya leero, basobole okutegeera; ggulawo entegeera yaabwe. Awo, lunaabeera nga olunaku oluggya gye bali: enjuba enaayaakaayakana, n'ekitangaala ekizimeera eky'enjigiriza z'abantu kinaavaawo, olwo Ekitangaala kya Katonda kiryoke kyaake mu kkubo lyabwe, kyabuluze ekibikkako ekiziyiza Ekitangaala kino ekirungi okulabika. Basobole okutambulira ku luguudo lw'obutuukuvu, olwo, nga babeerawo ku lw'abalala, nga Kristo bwe yakola.

186 Kaakano nga bwe tutandika olunyiriri lw'ab'okusabirwa, nsaba ofuke amafuta ku baweereza Bo enkya ya leero, ffena wamu, nga bwe tusaba, buli omu nga asabira munne. Era tusaba, nti olwa leero, buli mulwadde yenna anajja mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa anaawonyezebwa. Leka baddeyo, nga akawala kali akaali ak'endali, n'akalenzi kali, n'e. . . n'omukyala oli omukadde, n'o—n'Ow'oluganda Wright, n'abalala bangi kw'abo abaayita mu lunyiriri lwe lumu, Mukama, n'okunyigirizibwa n'endwadde n'ekintu abasawo kye baali tebasobola kuwonya; naye kaakano baabano leero (oluvannyuma lwa wiiki emu yokka), baabano, balamu bulungi, leero.

187 Katonda, leka abasajja n'abakazi bajje n'okukkiriza kwe kumu okwo, nga bamanyi nti bagenda Kalivaaliyo kukomererwa eri ebirowoozo byabwe n'endowooza zaabwe ebibagamba nti "tebakyasobola kuwonyezebwa." Leka amaanyi agaazuukiza Yesu okuva mu ntaana gabawe obulamu, obulamu obw'ekitalo obw'okukkiriza.

188 Era leka, mangu ddala oluvannyuma lwa kino, leka bangi bajje ku kidiba okubatizibwa. Tukisaba, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

189 Kati, tusigazizza eddakiika abiri zokka okukoleramu olunyiriri lw'ab'okusabirwa n'okubatiza. Kati tetulina kaadi za baakusabirwa. Ekyo twakivuddeko, tujja kugezangako okukikola mu nkuŋŋaana zange ezisingako obunene wonna we tunaazitandikira. Byonna mbibabuulidde, twabyogerako byonna, tubirina ku lutambi, era buli yonna gye ndaga, entambi ezo zijja kusookanga kuweerezebwayo.

190 Akabonero kasonga busonzi ku mukisa. Ensonga enkulu yali nti, "Bw'onaasabiranga abalwadde, n'oleetera abantu okukukkiriza."

Ne ŋŋamba nti, "Tebajja kunzikiriza."

N'agamba nti, "Ojja kuweebwa obubonero buno, era okuyita mu kino bajja kukkiriza." Obubonero buno bubaddengawo, okumala emyaka kkumi okwetooloola ensi, nga tewali mulundi n'ogumu lwe bulemereddwa. Tebulemereddwako, yadde akatono, mu ekyo. Bameka abakimanyi nti ago mazima?

191 Kale, bw'oba osobola okukkiriza akabonero, kaakano kkiriza n'Obubaka. Ekyo bwe kiri. Ke kabusongako. Ye ate Katonda yandimpadde Obubaka (N'abukkiriza ne butuukirira bwe butyo, okuggyako nga . . . ) ate ne mbagamba eby'obulimba? Katonda tasobola kunzikiriza kukola kintu nga ekyo. Nedda, nedda. Nedda, ssebo. Ge mbabuulira ge Mazima.

192 Kaakati, mwenna abaagala okusabirwa, abali, ku ludda luno wano, mudde eno ku ludda luno, bwe muba musobola, erudda eri, mukole olunyiriri ku mukono ogwa ddyo. Kati ekyo kijja kuwa omwagaanya abantu okuyitawo nga bwe tusaba. Awo tujja kufuna a—abalenzi, abakebezi nabo bajje beekenneenye; era nga bwe bayitamu wano, awo ku ludda luli, tujja kubakomyawo, baddemu baluyitemu. Buli omu ajja kusabirwa.

193 [Waliwo ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] O, nedda, nedda, ssaakikoze. Naye, wonna w'oba oyagalidde okukikola. Tekirina nsonga. Osobola okumufulumya, oba . . . nsobola . . . mufulumizeewo kati, oba lindako katono, wonna w'anaayagalira okujja, tekirina mutawaana.

194 Kati, ka tusiriikirire ddala nga bwe tusobola, okumala eddakiika zino entono eziddako. Mwenna njagala mube nga mulowooza kati: Kati, kiki—kiki Bayibuli kye yagamba?

"Okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde." Bameka abakimanyi ekyo nti kituufu? Bameka abakimanyi nti Bayibuli egamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Emirimu gye nkola nammwe muligikola"? Kati emirimu egyo gye giriwa? N'agamba nti, "Nsobola bw'oba okkiriza nti nsobola okukola kino." Si bwe kiri?

Kiki kye nnali nneebuuza? "Tebajja kunzikiriza."

N'agamba nti, "Obubonero buno bujja kubaleetera okukkiriza."

195 Kaakano, bw'oba okkiriza, weetegeke: Kano ke kaseera ko ak'okusumululwa. Mu ngeri y'emu nga bwe kyandibadde okuva mu kibi, kye kisuubizo kye kimu ekya Katonda y'omu.

196 Kati, tulina wano, omukyala omuto omulwadde, atawaanyizibwa mu lubuto, okuva emmanga mu New Albany. Gwe tugenda okusookerako, okusabira, alyoke afune w'a—w'atuula. Kaakano, nga tusiriikiridde, buli omu, kati. Njagala ab'oluganda bannyambeko, wano. Kaakano leka tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera, kati, tusabe.

197 Kaakano, Kitaffe Ow'omuggulu, kino kibadde Kigambo Kyo. Ssivunaanyizibwa ku biki ebinaakolebwa nga kibuuliddwa, naye nvunaanyizibwa okukibuulira. Era kaakano kino (nga nkimanyi nti ndi musajja akuliridde kati, era lumu nteekwa okukusisinkana): Mbuulidde Amazima okuviira ddala mu mutima gwange. Ekyo okimanyi. Ssigenderera kutankana, bwe kiba nga bwe kibadde, Mukama, nneetaaga okwenenya.

198 Era Kitaffe, nsaba otuyambe, kaakano, nga tugenda okusabira abalwadde, nsaba essaala zange zaanukulwe, si ssaala zange zokka, Mukama, wabula n'essaala y'ekkanisa eno, nga abantu bano bambi . . . Watya ssinga ono abadde mukyala wange nga y'ayimiridde wano? Watya ssinga abadde ye, nga y'atudde mu kagaali k'abalema? Oba mwannyinaze? Oba mmange? Ai, Katonda, wonya abantu bano. Onaakikola, Mukama?

199 Laba, abayimiridde mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa: abalwadde b'emitima, kookolo, ebizimba, ebika byonna eby'endwadde n'okunyigirizibwa. Bangi ku bo bajja (bikumi na bikumi basumululwa, okuva wano wennyini, Mukama), bakiraba, era bakikkiriza, era bajja mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa nabo okukkiriza ekyabwe. Bajja eri Ejjinja eddamu kaakano, so si eri omuddu Wo, naye eri Omwana Wo, Yesu, Oyo nga ye Mukulumbeze w'Ekkanisa, Omuntu oyo ow'omwoyo, atalabika ali mu makkati gaffe. Era nga bwe tugenda, tutwala Erinnya Lye (Wagamba nti, "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu."), Nsaba oyanukule okusaba kwaffe, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

200 Kati, buli omu beera mu kusaba. Kaakati, kino oli kitundu ku kyo, naawe. Eno ssaala yo.

Kati omukyala omuto ono ateekwa okufa, bwe watabaawo Kintu kimuyamba.

201 Bameka abamanyi Ow'oluganda Stadsklev? Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Stadsklev? Bankubira essimu okuva e Bugirimaani emirundi esatu ekiro kya luli; nga omwana wabwe afudde. Ne bambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, tukulabyeko, nga ozuukiza abafu, ku bw'Omwoyo wa Katonda," (Baaliwo mu buliwo ne bakiraba. Okiraba?) "era tukimanyi nti oli nnabbi wa Mukama. Yogera bwogezi Kigambo."

Ne ŋŋamba nti, "Ssisobola kukyogera, okujjako nga kiteekeddwa mu kamwa kange."

"Jangu mu Bugirimaani." Ne nsitukiramu mangu ddala. Ne bankubira essimu nti: "Tulina ennyonyi edduka ennyo esobola okukuleeta e Bugirimaani mu ssaawa mukaaga." Ennyonyi y'amagye edduka ennyo esobola okumbuusa n'entwala e Bugirimaani okuzuukiza omwana omuto. Ennyonyi y'amagye edduka ennyo esobola okuntuusaayo mu ssaawa mukaaga okuva mu Louisville okutuuka mu München, ekya Bugirimaani.

202 Ne nnyingira munda, ne nfukamira ku maviivi, ne ŋŋamba nti, "Kitange, njogere ki? Yogerera mu kamwa kange." Teyannyanukula. Ne ŋŋenda mu kibira, ne ŋŋamba nti, "Kitange, njogere ki? Teeka eby'okwogera mu kamwa kange. Nja kugendera bwereere, bwe kitaba ekyo." Ne nzirayo, teyannyanukula. Ne nnyingira. Okuyita mu kiro ne nsaba nti, "Mukama, teeka eby'okwogera mu kamwa kange." Tewaali kwanukulwa kwonna.

203 Enkeera mukyala wange n'agolokoka. Mangu ddala nga yaakagenda, Ekigambo (ne nsituka), n'Agamba nti, "Kino tokinenya. Guno mukono gwa Mukama." Uh-huh.

Mangu ddala awo ne ŋŋenda ku ssimu ne mbagamba nti: "Ssisobola kujja. Nedda, guno mukono gwa Mukama. Nja kuziyizibwa." Olaba amaanyi agali mu kunenyezebwa okwo? Katonda bwe yagamba nti, "Ekyo tokikola, kubanga guno mukono gwa Mukama."

204 Kati, Musa, lumu, yagaanibwa okubaako ky'akola, naye n'agenda n'akikola. Mujjukira? N'olw'ekyo sa—ssaagendayo.

205 Era nsobola okubaleetera ebiwandiiko okubalaga abantu ab'enjawulo bana, abasawo, be baali bamaze okulangirira nti bafudde, abaazuukizibwa oluvannyuma lw'okusaba n'okunenya okufa. Okiraba? Tuyimiririrawo awo ne tunenya ekintu ekyo. Era Katonda bw'aba yakuwa amaanyi okubaako ky'okola, osaanidde okwegendereza engeri gy'okikolamu. Okiraba? Osaanidde weegendere-. . . Yagamba nti, "Toki . . . "

206 Kati, jjukira nti, ekyo kiyinza obutategeeza kya maanyi nnyo gy'oli, naye gyendi, kyali kirina kye kitegeeza. Okiraba?

"Kino tokinenya." Eddoboozi esseeneekerevu ddala, ery'ekisa (ku ssaawa nga kkumi-na-bbiri n'ekitundu, nzikiriza zaali nga, kkumi-na-bbiri n'ekitundu ku makya ago) nti, "Kino tokinenya. Guno mukono gwa Mukama."

Ne ŋŋamba nti, "Weebale, Kitange. Weebale, Mukama. Ssijja kukikola."

207 Ssinga yagamba nti, "Kino kinenye. Ono mulabe y'asensedde n'ayingira."

Nnandigambye nti, "Tugende." Era kyandikoleddwa.

208 Akalenzi kali ak'omu Finirandi bwe kaali kagalamidde wansi awo, nga kafudde, kamenyesemenyese, nga tewakyali na ggumba liri wamu mu mubiri gwako, Mukama yagamba nti ogwo gwali mukono gwa Ssetaani, n'agamba nti, "Gunenye."

209 Ne ŋŋamba nti, "Kufa, tosobola kumutwala. Mukomyewo, mute." Awo wennyini, ne kabuuka ne kayimirira ku magulu gaako, nga kalamu, nga tekalina yadde eggumba erimu erimenyese mu mubiri gwako. Ekyo kye Kigambo kya Mukama. Ssisobola kukozesa Kigambo kya Mukama okutuusa Ekigambo kya Mukama lwe kinzijira.

210 Naye mu Byawandiikibwa, Ekigambo kya Mukama kintuma okusabira abalwadde; naawe kikutuma okubasabira. Kaakano, "okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde;" tusabe, mukoteke emitwe gyammwe; tulabe ky'Anaagamba, nga bwe muyitawo.

211 Oli Mukristayo, ssi bwe kiri? Okkiriza n'omutima gwo gwonna nti Yesu agenda kukuwonya? Otawaanyizibwa olubuto; lubadde lukutawaanya okumala emyaka, mwannyinaze. Kati, ogenda kuba bulungi, bw'onakkiriza.

212 Kaakano, Mukama Katonda, omuwala ono ateekwa okufa okujjako nga omuyambye. Kaakano nsaba, kuba bwe mmutunuulira, ssiraba nsonga lwaki afa.

Era mpulira mu mwoyo gwange, Mukama, nti okwo kwe kwagala Kwo kw'okkiriza, kaakano, nti guno ngunenye: Ssetaani, mute!

Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka awonyezebwe, ajje mu kkanisa eno, awe obujulizi okuddiza Katonda ekitiibwa. Amiina.

213 Kati, ekyo nga bw'olabye kiri ekyangu, nnyabo, ogenda kutereera. Okikkiriza ekyo ow'oluganda?

Mukkiriza abali wano wansi, nti mugenda kutereera? Genda kaakano, tandika okulya buli kimu kyonna ky'o. . . awo ojja, kuba bulungi.

Kati, ogenda n'osuubira okukuba ensi ekyekango, ogisannyalaze; naye ate yo n'ekukuba ekyekango, n'ekusannyalaza. Kati, Katonda w'Eggulu aggyawo ekyekango

Kye ku nsi n'agiwa okuggyibwako ebibi, olw'Erinnya lye limu eryo, asobola okukuwa okuggyibwako ebibi, n'akuggyako ekyekango, n'otereera.

Okkiriza nti asobola okutereeza engeri omutima ogwo gye gukubamu? Ggwe kola ekyo, ojja kutereera . . .?. . .

214 Mukama Yesu, omukyala ono bambi ateekwa okutuula mu kagaali kano obulamu bwe bwonna era oluvannyuma, atwalibwe. Naye tusaba nti amaanyi ga Ssetaani gano gamuggyibweko. Tusaba abeere mulamu atambule era abeere bulungi ddala nga bwe yali. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

215 Mukkiriza? Mulimu ogwaggwa edda, kyakolebwa. Mutawaana ki? Awatali kutya, awatali . . . Teyali . . .? Wawonyezebwako kookolo olumu . . .?. . . Byonna bite, biweeyo byonna eri Yesu.

216 Mukama Yesu, nteeka omukono gwange ku mukyala ono era nnenya endwadde emuliko. Nkimanyi nti Mukristayo, eyazaalibwa Omwoyo. Ngimuggyako, mu Linnya lya Yesu Kristo ery'omuwendo. Amiina.

217 Mukama Katonda, ku lwa mwannyina omwagalwa, nsaba alokolebwe mu Linnya lya Yesu. Nywerera ku ekyo. Amiina. Kijja kukolebwa.

218 Oli mwetegefu okufuna okuwonyezebwa kwo, mutabani? Kale, kigenze mu mukono Gwe.

219 Mukama Yesu, eri omuvubuka ono, agambye nti, okuva eri Ggwe, asaba okufuna okuwonyezebwa kwe. Nga omuweereza Wo, mmussaako emikono gyange mu Linnya lya Yesu Kristo . . .?. . . Amiina.

Kati, kyonna kyonna . . .?. . . kati, koowoola bukoowoozi Erinnya Lye. Kati, ssi—ssi nze . . .?. . .

220 Katonda Kitaffe, bwe yali nga akyali kalenzi kato yeesigama mu kifuba kya nnyina, n'amuwembejja n'a—n'asaba naye era n'akwata mu bugalo bwe nga akyali muwere nga akaaba. Kaakano, Ssetaani yateeka nnyina mu ddwaliro ly'abatabufu b'emitwe. Katonda, wuuno omutabani azze mu Kkanisa ya Katonda omulamu entukuvu, Ekkanisa eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda, Ekkanisa Omwoyo wa Katonda gy'abeeramu, era mwe yeeyolekera. Na bwe kityo olwa leero, okuyita mu kusaba, tusumulula omukyala oyo okuva mu ddwaliro eryo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, tusabye. Amiina.

Genda eka, oteredde.

Weebale kujja, okusabira maama wo; oyo mutabani mulungi.

221 Luno lwe lunaku olw'okusumululwa kwo. Mukama Yesu, ku lw'omukyala ono omuto, olw'obulokozi bwa bba n'okusumululwa kw'emimiro gye, nsaba abifune mu Linnya lya

Yesu Kristo, Oyo agamba nti “jangu, kikkirize kaakano,” era mulimu ogwaggwa edda.

222 Mukama, abasawo bakyogedde, Mukama, nti kiri mu mubiri gwe, kigenda kijja mu liiso lye. Azze wano kusumululwa, waggulu wano ku wolutaali eno, nga Ekkanisa eno entukuvu bw’esaba, nsaba okusumululwa kwe mu Linnya lya Yesu Kristo, okunyigirizibwa kuno kujja kuva mu mubiri gwe. Mulimu ogwakolebwa edda ne guggwa.

Ku lwa mutabani we, nsaba omukisa ku katambaala kano. Nsaba okuwulira n’embeera entuufu bikomewo mu kutu kwe . . .?. . .

223 Kati Ekkanisa eyogera; kati Ekkanisa gwe Mubiri gwa Kristo ogutalabika. Ffenna tubasabira. Okiraba? Te—tetukyebalira mu nsi nate. Tetwogera mu kwewuunaganya wa gye tulaga. Ekkubo twalizuula. Twazaalibwa mu Kkubo eryo. Ye ffe Kkanisa ya Katonda Omulamu (tuli kitundu ku yo); kubanga, ebunye wonna mu nsi. Naye kino kitundutundu kya kibiina ku bo. Leero, ffenna wamu tuzze mu Linnya Lye. Tuzze okukola ekyo kye yatugamba, tukole. Kiki ky’atasobola kubikkula nga tukuŋŋaanye wamu. Musabire abalwadde, mubateekeko emikono, “okusaba okw’okukkiriza kunaalokola omulwadde.”

224 Leka okulumizibwa kwo mu mutima kukuveeko. Mu Linnya lya Yesu Kristo, ŋŋondera okutumibwa Katonda kwe yantuma . . .?. . .

60-0925 Olunaku Olwo e Kalivaaliyo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org